


OMULYANGO MUFUNDA

 Weebale, Ow'oluganda Neville. Weebale. Kirungi nnyo okukomawo mu Nnyumba ya Mukama. Bulijjo nnyumirwa okukomawo mu kkuŋŋaaniro lino, ne bwe ŋenda wa yonna. Waliwo eky'enjawulo ku kafo kano akatono ak'edda kye njagala okukomangawo gye kiri. Kye, o, na . . . Ye kkanisa yange eyasooka era ye yokka gye nnali nsumbye. Era kirabika bulungi nnyo okukomawo wano nate. Era nzikiriza nti ku makya gali ag'ekitiibwa enjuba bw'erigaana okwaka n'emmunyeenye ne zizikiza ekitangaala kyazo, Nzikiriza nti walibaawo abamu okuva mu kkuŋŋaaniro lino abalibaawo ku lunaku olwo, abaanaazibwa mu Musaayi gw'Omwana gw'endiga. Nnindiridde ekiseera ekyo.

² Bwe mbadde nfuluma akasenge mu kaseera kano kennyini, nsisinkanye Mwannyinaze Arganbright emabega wali. Era abadde anŋamba nti waliwo abantu abamu wano abaali mu lukuŋŋaana olwali mu Kingston, abaakyala mu kiseera ekyo, era na . . . a . . . ndi musanyufu nnyo okubeera nabo wano nga obujulizi. Wonna we bali, nsaba bawanike ku mikono gyabwe, abaali mu lukuŋŋaana olwali e Kingston mu Jamaica. Kyokka, wewaawo, emabega eri. Kale, ekyo kirungi.

³ Ndaba kaadi ya Oral eya posta. Ndwooza mwamaze dda okulanga enkuŋŋaana ze. Ssaazimanya okutuusa, ennaku z'omwezi, okutuusa eggulo. Ndwooza zitandika nga mukaaga, ssi bwe kiri? Nga mukaaga okutuuka nga kkumi na ttaano, Ow'oluganda Roberts mu Louisville. Kale, mugende mumuwulirize. Ow'oluganda Roberts mu—mukwano gwange nfiirabulago, ate muweereza wa Kristo owa nnamaddala. Era ndi mukakafu nti mujja kunyumirwa obubaka bwe, buli kiro. Era a . . . bwa, nga bw'asabira abalwadde, nka—nkakasa nti mujja kulaba Katonda ng'atambula, kubanga mulwanyi nnamige ow'okukkiriza, Ow'oluganda Roberts ekyo kyali, era musajja Katonda gw'akozesa mu ngeri ey'amaanyi. Era obuweereza bwe bulinnye eddaala okuva . . .

⁴ Nzijukira lwe nnasooka okusisinkana Ow'oluganda Roberts, yali mu weema enkaddekadde eri mu St. Louis, Missouri, era nnali . . . nedda, mu Kibuga Kansas, Missouri. Era nnali mu Kibuga Kansas, Kansas, mu kizimbe omukuŋŋaanirwa. Yatuula ku ntebe ey'omumaaso. Olukuŋŋaana bwe lwaggwa, ne tugenda emabega era twali twogera. Ne bannyanjula gy'ali. Muto ku nze; Oral ali mu myaka nga ana n'egigwamu. Kale n'agamba nti, "Olowooza Katonda ayinza okumpulira nga nsabira abalwadde?"

Ne ŋamba nti, "Ow'oluganda, Ajja kuwulira okusaba

kw'omuntu yenna anaasaba.” Kale, n'atandika, n'agamba nti, “Ntandise!”

⁵ Era musajja mwogi nnyo, alina n'obuyigirize bwa yunivasite, ddiguli ya myaka ena mu by'embeera z'abantu, era nkakasa mu—musajja mugezi nnyo. Era atuuse ku ddaala kati nga alina abawi b'amagezi abamwetooldde, n'ebirala, okutuusa nti, bw'ayogera, a—asooka kulowooleza ddala. Era ddala mujja kumunyumirwa, nkakasa.

⁶ Kale kaakati njagala okubaako ne alipoota entonotono gye mpa ku ebyo Mukama waffe bye yakola mu lukunjaana lwaffe olutono olwali mu Jamaica ne mu Puerto Rico. Kyali kyewuunyisa okuba nga nnagendayo, kubanga essimu nnyingi ezitukubirwa. Nga Leo wano bw'akimanyiiko, nti essimu. . . Era okuyita mu wiiki yonna, waliwo ebifo bikumi na bikumi awava essimu ezisaba enkunjaana. Naye ate nga njagala okuwulira nga nnujnamizibwa ku wa gye mba njenda, okugeza kw'ekyo. Ssinga njenda olw'okuba omuntu yampise nzigye, awo mba nzize mu linnya lya kkanisa eyo oba ekibiina ekyo. Ssinga njenda olw'okuba Ow'oluganda Neville anjambye nti nsaanidde okugenda, nja kuba nnina okugenda mu linnya ly'Ow'oluganda Neville. Naye njagala okugenda nga Yesu y'antumye, okusobola okugenda mu Linnya lya Mukama Yesu, okusisinkana abantu.

⁷ Era nnali ngalamidde ku kitanda, era nnali mukoowumukko. Ekiwonvu kino, ekiseera kijja kutuuka, nve mu kiwonvu kino, kubanga kisaakaaza emimiro gyange okutuuka we mbeera nga ssikyasobola kukigumiikiriza. Nsobola okugenda ne nkomawo. . . Twajja luli, Leo nange, mu mayiro nga ana, oluvannyuma lw'okuva mu ntobazzi mu Florida, emimiro ne gizibukuka, naye ate mu mayiro nga ana mu Louisville ne giddamu ne gizibikira. Ow'oluganda Banks Wood atekwa okuba aliko waali wano enkya ya leero. Era luli bwe twali tuva mu Kingston ne—ne mu Puerto Rico, emimiro gyange gye gyali gitereredde; era nava mu nnyonyi, nga ndi bulungi; naye bwe twali tetunatuuka mu Jeffersonville, ne giddamu ne gisaakaala nate. Mulaba, kiwonvu kino wano. Buwuka obuli mu mpewo, oba ssi kyo nga Katonda, ekimu ku byo, nga agezaako okunziza ebbali. Kale, ssi—ssikitegeera. Nsabye ne mbuuzza emirundi mingi nnyo.

⁸ Naye, ekyo nga okitadde ku bbali, nnali nnaakazuukuka, zaali ssaawa nga mwenda ez'ekiro. Mukyala wange ne mutabani wange baali beebase. Ne ngolokoka ku ludda lw'ekitanda, ne ndaba abantu abangi nga bakunjaanye mu kifo ekigazi, ne njamba Billy Paul nti, “Yingira munda ogabire abantu abo kaadi ez'ab'okusabirwa.”

⁹ N'agamba nti, “Kale, taata.” Mu ddakiika ntono n'akomawo, n'agamba nti, “Abantu bali tosobola kubagabira kaadi za kusabirwa.” N'agamba nti, “Olaba omusajja ayimiridde wano?”

Ne nḡamba nti, “Yee.”

¹⁰ N’agamba nti, “Yabadde wano, ne nḡamba nti, ‘Mwenna abaagala kaadi ez’ab’okusabirwa, muwanike emikono.’” N’agamba nti, “Nḡenze okumuwa kaadi ey’okusabirwa, n’avaawo n’adda awalala. Era bwe nḡenzewo, n’agenda awalala. Kati wuuli ali wali emabega.” N’agamba nti, “Ssisobola na kugabayo yadde kaadi emu bw’eti ey’ab’okusabirwa.”

¹¹ Ne nḡamba nti, “Weewaawo, Billy, togenda kwetaaga kugaba kaadi za ba kusabirwa, kubanga wano waliwo ekifo kinene ekimala nti buli omu asobola...” Kaadi ez’ab’okusabirwa ziba za kwewala kusindikagana... okiraba, na kubakuumira mu butebenkevu. Ne nḡamba nti, “Ha, nsobola okusabira buli omu ali awo, awatali kweraliikirira bugazi bwa kifo kye nnina, ne mbasimbisa olunyiriri ne mbasabira omu ku omu.”

¹² N’agamba nti, “Kale.” N’akyukira ku ddyo n’ava we nnali. Ne nkyuka oluuyi *luno* nga bw’agenda oluuyi *luli*, nga mmulaba.

¹³ Ne mpulira Eddoboosi nga liva mu Ggulu, ne ligamba nti, “Naye mu kiseera kino nja kutandika okukugulumiza.” Ne ntunula, era ssirabanga nnamungi w’abantu nga bali, baali beeyiwa okuva buli wamu.

¹⁴ Awo erinnya ly’Ow’oluganda Roberts ne liyitibwa, ne ligamba nti, “Kati Ow’oluganda Roberts ajja okukulaba.”

Ne nḡamba nti, “Nnaalamusa ntya Ow’oluganda Roberts?”

Ne ligamba nti, “Mu ngeri y’emu gy’akulamusaamu.”

¹⁵ Kale, ne ndaba Ow’oluganda Roberts nga ajja mu ssuuti enzirugavu, n’akakofiira nga Bing Crosby k’ayambala, ako k’okyusa n’osika nga ozza wansi, akakofiira akaddugavu. Era nnali nyimiridde wagguluko, n’atunula waggulu n’agamba nti, “Oli otya, Ow’oluganda Branham?”

Ne nḡamba nti, “Oli otya, Ow’oluganda Roberts?” ne mmukwata mu ngalo.

N’agamba nti, “Olina ekibiina ekirungi.”

¹⁶ Ne nḡamba nti, “Kibiina kirungi ddala, Ow’oluganda Roberts.” N’akyuka n’akwata Billy gye yakutte, ku luuyi olwa ddyo.

¹⁷ Ne ndwoowa nti, “Nnaasenziira wa okwogera gye bali?” Era ne ngezaako okunoonya awo wonna ekifo aw’okwogerera. Nnali mu mbeera nga, waaliwo ekyali wansi, nga ssiyinza kulaba wa kusenziira kwo—kwogera gye bali.

Awo ne wabaawo agamba nti, “Kale, jangu eno.”

¹⁸ Ne nḡamba nti, “Kale, naye era n’awo tosobola kulaba bulungi.” Ne ntambula okugendawo. Era ne nzujukira kino mu kaseera ako, Ne nḡamba nti, “Ekintu ekikulu kye nnina okukola

kwe kusigala nga ndi muwombeefu mu mutima gwange, bulijjo, mu maaso ga Katonda n’abaana Be.”

¹⁹ Ne nva mu kwolosebwa. Ne nneebuuza nti, “Kitegeeza ki ekyo? Oba oli awo kitegeeza nti tugenda kubeera ne... Oba we ki—kigenda kubeera wa?” Olaba, emirundi egimu, mu kwolosebwa, takubuulira wa, A—Ayogera bwogezi ggwe n’o... Kibeera mu ngeri, ya lugero. Era ndi mukakafu nti mmwe abasoma Bayibuli ekyo mukitegeera.

²⁰ Awo oluvannyuma ne n̄enda mu ddiro ne ntuulako okumala akaseera, era zaali mu ssaawa nga mwenda kitundu oba kkumi ez’ekiro. Otulo nga tunnuma nnyo. Ne nzirayo ne nneebaka, ne ndoota ekirooto, era kye kirooto ekyali kikyasinze okuba ekyewuunyisa. Era abasinga ku mmwe mumanyi omu ku ba maneja, Jack Moore. Ow’oluganda Jack Moore, mmumanyidde emyaka mingi. Nnalowooza nti nnali mu kwogereza muwala we, omuwala wa myaka nga kkumi na musanvu, era nnali mmukutte ku mukono, nga mmulinniyisa akasozi, Jackie omuto. Weewaawo, mmumanyi okuva nga muwere akyayonka. Naye nnali mmulinniyisa akasozi, era nnayambuka mayiro ssatu waggulu ku kasozi, nga nkulebeddemu omuwala ono. Era ne tutuuka wansi w’omuti omunene, n’atuula wansi. Era nga abawala abaakavubuka leero bwe bambala sikaati ezo ze, mumanyi, eziba nga ezeepika, era yali ayambadde sikaati nga eyo. N’addirira sikaati ye eno n’aba nga agyalirira n’atuulako. Era nga abavubuka bulijjo bwe batunuuliragana, yafunya emikono gye bw’ati n’atanula okutunula waggulu mu bire. Weewaawo, Jackie muwala omuto omulungi ennyo, naye alina omumwa omunene ddala n’amaaso amanene ddala, n’enviiri ezinga eza munyerere owa kitaka, tasikiriza nnyo ekiri awo, naye mukyala ddala omuto. Era nnalaba amaaso ge amanene bwe yatunula mu bwengula, n’engeri ekifaananyi ky’obwengula gye kyali kirabisibwa mu maaso ge.

²¹ Kale, nnavaawokko nga fuuti ttaano okuva waali, ne mbeera nga agalamira ku mabbali bwe nti, ne nnoga ka mukonzikonzi ne nkateeka mu kamwa, ne ntandika okukalumaaluma. Ne ntanula okulowooza nti, “Kiki kye nkola engulu eno? Kiki, nze omusajja omukadde, nga ndi n’omuwala ono omuto. Kiki,” ne n̄amba nti, “Ndi mufumbo era nnina abaana abawerako. Ssiteekwa kubeera wano na muwala ono omuto.”

²² Ne ntanula okusituka. Era, bwe nnasituka, Eddoboozi ne liva mu muti, ne ligamba nti, “Kino kirina amakulu ge kitegeeza era n’ekigendererwa.”

²³ Ne mpawamuka, era katono ndeekaane, e—ekirooto kyali kya ntiisa. Ne ndowooza nti, “Ha, ka nsuubire nti ekyo tekitegeeza nti n̄enda kuddirira oba nga waliwo ekigenda okuntuukako?” Kati, ne ndowooza nti, “Bwe ngezaako

okukozesa endowooza yange, awo byonna nja kubitabulatabula, kale ka nnindirire bulindirizi ku Katonda.” Ne ntandika okusaba. Ne njamba nti, “Mukama, ekirooto ekyo kirina akakwate n’okwolesebwa kuli mu kiro nga kyakatandika, oba kitegeeza ki?”

²⁴ Oluvannyuma lw’okulindirira okumala akaseera, ndowooza essaawa nga emu (Mukyala wange yali yazuukuse dda nga n’ekyenkyakitegeese.), awo Eddoboosi ne likomawo nate, ne ligamba nti, “Genda mu Kingston, era ojja kutegeerezebwa eyo eky’okukola.”

²⁵ Kale, mangu ddala ne njenda mu Kingston. Era ba—baakitegeera ku Lwakuna olw’eggulo nti ndi wa kubeerayo ku Lwakutaano. Okwo kwe kulanga kwokka kwe twakola. Ssiri mulungi nnyo mu...?....oba mu kuteebereza bungi bwa bantu, kubanga ebiseera ebisinga nkizimbulukusa. Naye ekiro ekyasooka, nnyinza okugamba nti twalina nga lukumi mu, o, abantu nga lukumi mu bibiri, wabweru, kubanga lwali lwakamanyibwa mu lunaku lumu lwokka. Kati olunaku olwaddako ne basindika abaddusi nga badduka mayiro nnya, mu mpalo, waggulu mu nsozi. Omuddusi omu yaddukanga okumala essaawa nnya, awo n’alekera omulala okweyongerayo ku lusozi waggulu. Era ekiro eky’okubiri waaliwo nga enkumi ttaano. Kati ku kiro eky’okusatu bateeberezebwa okuba nga baali nga mu mutwalo gumu n’ekitundu, oba mitwalo ebiri. Era waaliwo enkumi emirundi nkumi abajja eri Mukama.

²⁶ Era okwolesebwa kwali nti, ekkalisa entono, omuwala yali mbeerera, mwana muto, era ekyo kyali kitegeeza obubeererevu bw’ekkanisa. Kati mayiro ziri essatu nga nnyambuka waggulu ku lusozi, ze zaali ennaku ssatu ze nnalina okuweereza. Nga ntwala ekkalisa entono embeerera okuyita mu buweereza bwange, okuwa we yali, okugirinnyisa waggulu mu bintu bya Katonda, okutuusa lwe yanyeenya ekizinga kyonna.

²⁷ Era, ha, abaweereza n’abantu abaaliwo, nga bakaaba era nga basaba n’okwegayirira nti, “Mutwongereyo ekiro ekirala kimu oba bibiri,” eri abakulu b’ekibuga.

²⁸ Twavaayo eyo ne tugenda mu Puerto Rico. Eyo gye twafunira obuwanguzi obw’ekitalo, obwa waggulu, enkumi n’enkumi we zazjuliza ekisaawe, okutuusa lwe kyateeberezebwa nti emmeeme ez’omuwendo nga emitwalo ena zajja eri Mukama Yesu. Era mu kugenda, nsuubira nja. . .kino nsobola okukyogera eri ekkalisa yange, naye ssobola kukyogerera mu lujjudde lw’abantu, abamanyi ab’ewaka gye batali, kubanga kiyinza obutalabika bulungi. Naye nnina erinnya ly’omulamuzi wano ku lupapula, eyayogera bwe twali tuvaayo, ndirina wano, ye n’abakozi be.

²⁹ Era ni...Ya—yagamba nti, “Tuweereddwa omukisa ku kizinga okukyaza abaweereza ab’enjawulo.” N’agamba nti, “Mw. Billy Graham yaakava ku kizinga gye buvuddeko,”

n'agamba nti, “twalina o—olukunjaana olw'ekitalo,” n'agamba nti, “naye Billy Graham yatuleetera Enjiri y'emu gye tubadde tuwulira bulijjo.” N'agamba nti, “Oluvannyuma twaweebwa omukisa okukyaza Mw. Roberts ku kizinga,” n'agamba nti, “era Mw. Roberts yatuwa enkunjaana ez'ekitalo za nnaku ssatu. Naye,” n'agamba nti, “ssente ezaasaasaanyizibwa zaali nnyingi nnyo mu wooteeri,” n'agamba nti, “yatuleka tulina okusasula ddoola emitwalo esatu n'ekitundu ez'ebiro bisatu, okusasulira ebya wooteeri.” N'agamba nti, “Oluvannyuma Mw. Osborn yali wano, eyali omuweereza wa Kristo ow'ekitalo. Naye,” n'agamba nti, “Mw. Osborn bwe yagenda, waaliwo okuddirira,” n'agamba nti, “kyalabika nga buli kimu ekyali kiwedde.”

³⁰ “Naye,” n'agamba nti, “twetegerezza mu lukunjaana luno nti kyenkana tewaabaddewo muntu yenna ajja ku kituuti Ow'oluganda Branham okumusabira. Naye,” n'agamba nti, “oluvannyuma nga enkunjaana ziwedde, twatisse biroole ebikubyeko obutebe obukadde n'emiggo eby'abalema na buli kimu, okuva ekibiina we kyabadde kitudde.” N'agamba nti, “Tabadde muntu ku mulundi guno, Katonda y'atukyalyide,” bwe yagamba.

³¹ Nnagamba nti, “Temusuubira ssaala zange; wabula essaala zammwe eyo, buli muntu ateeke omukono ku munne.” Era baaleetanga abantu nga kkumi na babiri oba abiri mu bana ku kituuti, era, okwawula ebirowoozo bwe kwajjanga, abantu baaleekaananga buleekaananyi. Twasulanga mu wooteeri ya ddaala lya kuna, era ne twesasulira ebisale byaffe byonna, ku bwaffe.

³² Mwayamba mu kukola ekyo, mmwe bennyini, okuyita mu kimu eky'ekkumi kyammwe kye mumpeereza. Kye kyakikola. Era njagala mukitegeere nti, ebyo byonna, mubirinako omugabo. Era mu lunaku olw'ekitiibwa olujja, Katonda alibawa empeera olw'ekyo. Mulaba, temwalina . . .

³³ Omuntu bw'agenda n'akola ekintu, kati, mulaba, omuntu oyo bw'avaayo, ne balowooza nti, “Kuddirira kunene, Katonda atuleseewo.” Katonda takulekaawo. Abeera naawe bulijjo. Okiraba, naawe oli kitundu ku kyo nga omuntu omulala, nga omuntu omulala yenna. Katonda ayinza okukozesa omuntu olw'obuweereza obumu, naye ekyo tekitegeeza nti omuntu oyo alina nkizo eri Katonda. Kukkiriza kwo mu Katonda.

³⁴ Era baafulumanga ne bagenda eyo nga bali ku bigaali by'embalaasi ebikaddekadde, bye baddiranga ebiringa obugaali bw'abaana obw'emipiira, ne—ne bakola akatanda k'olubaawo, ne bagalamizaako abantu ne babavuga ne babayingiza munda. Era enkunjaana bwe zaggwanga, ekisaawe kyonna kyasigalanga kikalu, baagendanga bugenzi n'ebigaali ne bayoola obugaali obukadde n'ebitebe ebikadde, n'emiggo n'obutanda wamu n'ebitanda, wonna we baabanga babirese nga bavaawo, kubanga

Okubeerawo kwa Katonda kwaliwo. Ekyo kye twagala okulaba. Awo aba takyali muntu nti y'akikoze, Katonda y'aba atambula.

³⁵ Nga tukomyewo, mu kugezaako okuyamba kati enkya ya leero, n̄enda kwogerera eddakiika ntono nnyo. Era nnasabye abalenzi obutafulumya lutambi. Ennaku ssatu ngezezaako nnyo okulowooza ku, “Kiki kye nnaayogerako?” Era enkya ya leero, bwe nnabadde ssinnasimbula, nnawulidde okulabulwa okw'amaanyi mu mutima gwange eri ekanisa. Ne mbagamba nti, “Mukwate entambi, naye temuzifulumya kutundibwa.”

³⁶ Naye nga kino tetunakikola, njagala okubawaako obujulizi obutonotono, obuyinza okubakola obulungi. Bwankola bulungi. Twagenda mu lugendo lwa nnaku ssatu okuvuba, Leo ne Gene nange, ne mutabani wange Billy Paul ne mukyala we, emmanga ewa mukwano gwaffe asabira wano mu kkuḥḥaaniro, ava mu Georgia. Era baatuzzaayo mu lutobazzi olumu, ssimanyi bulungi kati wa we lwali, kumpi ne Okeechobee oba bwe kityo, ssimanyi linnya Abayindi abo Abaseminoole lye baagituuma. Naye, era, twali mayiro nnyingi nnyo emabega.

³⁷ Era Ow'oluganda ono Evans, muganda we ssi mukkiriza. Era muvubi mulungi nnyo, era yaddayo mu ntobazzi emyezi mitono egiyise. Era balinayo kye bayita “ekkalwekalwe.” Ekkalwekalwe ne limubojja, era yawonera watono okufa. Okugulu kwe ne kuzimba, ne bamutwala eri abasawo ne bamukuba empiso. Ebintu ebyo bya busagwa nnyo. Era balinayo n'amasalambwa ag'omu mazzi, essalambwa ery'omu mazzi, essalambwa ery'omu bunnyo, ne goonya eziweza obuwanvu bwa fuuti nga abiri.

³⁸ Era bwe twali tuvuba nga tuli eyo, nnali nkutte ekyennyanja ekinene ddala. Ha, lwali lunaku ddala olw'o—olw'okuwummula. Era kyali kinene nnyo nga ssisobola na kukijja mu mazzi, ne kigolola eddobo ne kigenda, manya ne kyetegulula. Era twalina ebyennyanja bingi, kyenkana kilo nkaaga mu munaana ez'ebyennyanja ebinene. Era nga, ebimu ku byo bizitowa kilo eziwerako, okuva ku kilo bbiri okutuuka ku ssatu, oba nnya. Kati nnakwata kino ekinene, naye ne kidduka.

³⁹ Ne nkasuka nate, ne—ne nkwatayo ekirala, nga kiri mu kilo nga bbiri, oba ssatu. Era nnalina oluti oluwanvu nga olina kulukwatira waggulu w'ebikoola by'amalanga. Kati Ow'oluganda Evans yali. . . Ffenna twali tutobye oluvannyuma lw'okutambulira mu mazzi, kubanga wonna lutobazzi lwerere. Era yali ajemu engato ze ng'afunyizza ku mpale ye, nga alina w'atudde awakalu, nga agezaako okukaza engoye ze. N'alaba ekyennyanja kino ekinene nga kyekulukuunya mu bitoogo, era nnali ntambula nga njolekera gye kiri. N'agamba nti, “Lindako katono, Ow'oluganda Branham, n̄enda kukikukwatira.” N'adduka n'adda eri. Era nnali nkisiseeyo, ndowooza ekyennyanja kyali kinaatera okufa, nga kigalamidde awo mu bikoola by'amalanga. N'adduka okukikwata. Era,

bwe yakikwata, n'alaajana, n'akomawo. Ekkalwekkalwe lyali limubozze.

⁴⁰ Ne tukitunuulira, nga mu kigere kye mulimu ebituli by'amannyo ekkalwekalwe we yali limubozze, era waali wamuluma nnyo n'okutuusa nti amaziga gaali gajja mu maaso ge. Agamba, yawulira nga amagumba ge agaali gasannyalala. Nga tuli eyo, mayiro nnyingi nnyo munda mu lutobazzi. Musajja munene tosobola kumusitula. Ate omusota bwe gukubojja, olwalira ddala mu ddakiika ntono nnyo nga olinga anaatera n'okufa. Era Leo yali ayimiridde awo. Ne wabaawo ekyanzijira mu birowoozo nti, "Ggwe okyali Katonda!" Kati bwe yali akutte ekigere kye nga akinywezezza, n'ebituli by'amannyo biri ekkalwekkalwe we lyali limulumye, ne nteekawo emikono gyange ne n̄namba nti, "Mukama, kyawandiikibwa mu Kigambo Kyo nti, 'Balirinnya ku mitwe gy'emisota n'enjaba, era tewali kiribakola kabi konna.'" Mbagirawo, obulumu bwonna ne bwamuka ekigere kye. N'ayambala engatto ze n'avuba olunaku lwonna.

⁴¹ Ne tukomawo ekiro ekyo ne tubabuulira ebyatutuseeko, ne bagamba nti, "Weetaaga okugenda olabe omusawo."

⁴² N'agamba nti, "Katonda bw'aba nga ankuumye okutuusa kati, ajja kunkuumira ddala ppaka." Ne tuvuba okumala ennaku ssatu, nga tewali buzibu bwonna n'akatono.

⁴³ Katonda akyali Katonda. Akuuma buli kisuubizo. Era mu buweereza bwange bwonna, ogwo gwe mulundi gwe nnasooka okulaba Katonda nga akka olw'ensonga ey'omuntu alumiddwa omusota, kubanga gwe mulundi gwe nnasooka okufuna akakisa okusabira omuntu alumiddwa omusota. Kikulaga bulazi nti akuuma ebisuubizo Bye byonna, n'Ebigambo Bye birungi era bya mazima. Amiina.

⁴⁴ Mujjukire enkuŋaana ez'ekiro kya leero n'Olwokusatu luno olujja. Era mubeeko gwe musabira kati eyetaaga ennyo okusabirwa, nga ye nze. Era, mujjukire, okugenda mu lukunŋaana lw'Ow'oluganda Roberts bwe lunaatuuka mu kibuga, era mumuwe okulamusa okuva mu kkuŋaaniro.

⁴⁵ Nga tetunnasoma Byawandiikibwa, Nna—Nnandyagadde tuyimirire ku magulu gaffe katonno. Era, nga tekuli bivuga, tuyimbe ekiddibwamu kimu oba bibiri eby'oluyimba lw'ekkanisa luno olw'edda olw'ekitiibwa, *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe*. Kale, buli omu nneegattaako kati, tuluyimbe. Era tolowooza ku ngeri gy'oyimbamu, ggwe yimba nga owa Katonda ekitiibwa. Onaalutukulemberamu, Ow'oluganda Neville?

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'Endiga ow'e Gologoosa,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,

Twala okulumirizibwa kwange kwonna,
O leka okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetloodde wonna,
Beera Omulung'anyama wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo ennaku, n'okutya,
Era tondekanga okuwaba
Okukuvaako.

⁴⁶ Nga tukotese emitwe gyaffe, nandyagadde okusoma okuva mu byawandiikibwa ebitukuvu ebya Bayibuli, Omut. Matayo, essuula eyo 7, ennyiriri olwe 13 n'olwe 14. Era nsaba Mukama agatteko emikisa Gye emingi nga bwe tukisoma.

Muyingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamu bangi:

Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.

⁴⁷ Tusabe. Ai Katonda, Ggwe eyazuukiza Mukama Yesu okuva mu bafu n'okuva mu ntaana, era nga omuleese gye tuli enkya ya leero nga Ssaddaaka ennamu, mu buwombeefu tuwongayo nate obulamu bwaffe gy'Oli, bwe tulowooza ku ngeri gy'otulowoozaako ennyo. Kubanga bwe twali tukyali boonoonyi, abaafiira mu bibi n'okwonoona, watuma omwana Wo omu yekka Ow'obulenzi, mu nkula ey'omubiri ogwonoona, okubeera omutango ku lw'ebibi byaffe, kibeere nti Oyo ataalina musango, ng'abonaabona ku lw'abaalina omusango, asobole okututabaganya nate mu kussa ekimu naawe.

⁴⁸ Era, Ai Katonda, bwe wabaawo ekibi mu makkati gaffe enkya ya leero, kyonna ekiyinda okuziyiza Omwoyo Omutukuvu okuleeta Obubaka bwa Katonda eri emitima gyaffe, tusaba, mu bwetowaze, Mukama, otusonyiwe okwonoona kwaffe. Tulongoose n'Omusaayi gwa Mukama Yesu. Oyo...Tumanyi, nti ku lwaffe, tetulina kye tuli, era twatula nti tetulina kye tuli. Naye Ggwe oli mutukuvu, Ggwe oli wa mazima, Ggwe oli butuukirivu, Ggwe Nsulo yennyini ey'okusaasira. Era mu bwetowaze twewalula nga tujja leero, nga emmeeme eziboneredde. Nga obujulizi bwe bwakamala okuweebwa, okuva mu Jamaica ne mu Puerto Rico, gye wakola emirimu egy'amaanyi bwe gityo, Ai Katonda, ke kabonero k'okujja kw'Oyo Omutuukirivu.

⁴⁹ Enger gye wawonya Ow'oluganda Evans okuva mu mannyo g'omusota ag'obusagwa, kubanga yali mukkiriza, era Ebigambo Byo lubeerera bya mazima. Kaakano, Mukama, tusumulule okuva mu mannyo g'okufa enkya ya leero, nga omulabe atubozze n'atuteekamu obusagwa. Tusaba nti eddagala lyo

eriwonya, enkya ya leero, Mukama, libune emyoyo gyaffe era litulongoose okuva mu butali butuukirivu bwonna. Wonya endwadde z'emibiri eginafuyiziddwa amaanyi g'omulabe. Abo bonna abali mu Kubeerawo kwa Katonda, leka bawonyezebwe.

⁵⁰ Yogera gye tuli kaakano okuyita mu Kigambo Kyo ekiwandiike, Mukama. Nga tetumanyi kya kwogera, naye Ggwe onakituwa. Era otulabule, Mukama, era otuteeketekee ku lw'Okujja Kwo. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu era ku lulwe. Amiina.

⁵¹ Ntera okukerewamukko, kubanga nnindiridde kati. Era Ssande sukuulu, ndowooza, efulumye. Naye waliwo eky'enjawulo ku ekyo, bwe nkomawo ewaka mpulira nga nnina obudde obumala. Omanyi, tutura okwanguyiriza, ennyo. N'olw'ekyo, tugenda kukkiriza bukkiriza Katonda.

⁵² Mukama waffe yali awa okulabula kuno okw'amaanyi eri abantu b'omulembe Gwe, abantu abaali bannaddiini ennyo. N'agamba nti, "Omulyango mufunda, n'ekkuubo lya kanyigo, eridda mu Bulamu, era batono nnyo abaliriraba." Kati, tekyali nti tebaali bannaddiini. Baali bannaddiini nnyo. Era olw'okuba baali batadde obwesige bwabwe mu kkanisa ne mu bigunje eby'enjawulo n'amadiini, era (nga baliko ne we batuuse) mu kukkiriza Katonda, baalowooza nti bali bulungi. Naye yali abagamba nti baali ba kubeera batono ab'okuyingira.

⁵³ Era nneewuunya enkya ya leero oba ssisobola kufaananyiriza mulembe ogwo ku mulembe guno. Mulabe, kyali mu kiseera eky'okuggalwawo kw'omulembe gw'Abayudaaya, era yali ajuliza ku bintu eby'enjawulo ne ku kukomekkeera okw'emirembe egy'enjawulo, era yali abagamba nti ekintu kyennyini ekyali kyakolebwa mu mirembe egyayita kyali kiri mu kukolebwa mu maaso gaabwe. Naye baalemwa okukitegeera. Kati leka tulabe ku bimu ku bintu bye yali ayogerako.

⁵⁴ Baali, okugeza, baali tebasobola kukkiriza nti Katonda yali mu Muntu oyo. Ogwo gwe gwali omuziziko ogusinga obunene gwe baalina okuvvuunuka, ogw'okuba nti Ye bwe yali Omuntu ate yeefuula Katonda. Baali tebasobola kulaba ngeri Katonda gy'ayinza kubeera mu mubiri gwa muntu. Era mu mirembe gyonna, mu biseera byonna, Katonda bulijjo abaddenga mu muntu. Omuntu ye mubaka wa Katonda. Mu buli mulembe, Katonda ayogera eri abantu Be okuyita mu mimwa gy'abantu. Bulijjo alonda omuntu oba ekintu ky'Asobola okukozesa.

⁵⁵ Era yaboogerako, nga bwe beesittala, ku Ibulayimu. Yagamba, yabagamba nti, "Bwe muba mweyita 'baana ba Ibulayimu,' Ibulayimu 'kitammwe,' yalaba olunaku Lwange era n'asanyuka okululaba. Ibulayimu, nnabbi." Era tewali kubuusabuusa nti Yesu yali abalaga nti yali abakakasizza nti yali Masiya, kubanga akabonero ka Masiya kaali kamugoberera. Era kyali bwe kityo mu buli mulembe, nti, akabonero ka

Masiya. Naye ate Ye okweyita Katonda, Masiya Mwene, ekyo kyabesittaza. Tebaasobola kukitegeera.

⁵⁶ Kati, Ibulayimu (gwe baayita kitaabwe) bwe yasisinkana Katonda, era yali mu mubiri, kubanga yalya ennyama y'ennyana, n'alya omugaati ogukoleddwa mu njano (n'anywerako amata) n'omuzigo, mu maaso ga Ibulayimu, ate nga yali Katonda. Ibulayimu yamutegeera, Katonda, era n'amuyita "Elohim," ekitegeeza nti Yakuwa Omuyinza w'ebintu byonna. Omusajja ayambadde engoye, n'enfuufu ku Mubiri Gwe, n'atuula wansi w'omuti, okufuna ekisiikirize, n'alya ennyama era n'anywa n'amata. Naye bali Abayudaaya abatuukirivu, abannyogovu, ab'emitima egy'ettima, abeeyagaliza bokka tebaasobola kumukkiriza nti Ye Mwana wa Katonda, kyokka nga baali bayita Ibulayimu kitaabwe. Era yali abalaga nti yali akola ebintu bye bimu, mu mubiri Gwe, Katonda bye yakola eri mu mubiri omulala bwe yasisinkana kitaabwe, Ibulayimu. Era Ibulayimu yabikkiriza. Naye ate bo baalemwa okubikkiriza.

⁵⁷ Olaba, Ibulayimu bwe yali atudde mu nsiisira ye kubanga yali akoze okulondawo, era okulondawo okwo kuweebwa buli muntu azaalibwa mu nsi muno. Omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi guteekebwa mu maaso ga buli muntu. Era Lutti, omwana wa muganda we, n'abalunzi baabwe bwe baatandika okukaayanira aw'okulundira; Ibulayimu, olw'okuba yali musajja mutuukirivu, n'abagamba nti, "Nsaba waleme kubaawo nkaayana mu makkati gaffe. Mmwe mulondeewo gye mwagala okugenda." Ekyo kibaawo mu bulamu bwa buli mukkiriza. Era kiri mu maaso go enkya ya leero, era kiri mu maaso gange.

⁵⁸ Lutti teyakirowoozaako nti agenda kuddirira, naye yagenderera okutunuulira e Sodoma ebintu gye byali ebyangu. Era waliwo emirundi mingi gye tugoberera obulamu obwangu. "Nja kwegatta ku kkanisa bw'eti, era, olaba, tewali ajja kukyogerako kintu kyonna, kubanga ye kkanisa esinga obunene mu kibuga." Obulamu obwangu! Emirundi mingi ekyo kye tukola, naye, tuba bakyamu!

⁵⁹ Jjukira nti, bw'ogoberera Kristo, ojja kukyayibwa abantu, kubanga abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga. Era bw'ojja eri Kristo, togenda kujja kuyita mu kkanisa yonna oba ekibiina ky'eddiini kyonna, oba ekiyiye kyonna. Ojja kujja ng'oyita mu Musaayi, eyo ye ngeri yokka ey'okuyingiramu. Era tosobola kubaako na gw'ojja naye, oghenda kujja wekka era oyimirire ku kwatula kwo n'okukkiriza kwo. Tojja kuyingirira ku musumba, oba ku kukkiriza kwa nnyoko. Oja kujja nga omuntu sekinnoomu nga ojja eri Katonda! Era emirundi mingi tukola okulondawo okwo okw'obusirusiru.

⁶⁰ Watya ssinga Lutti, bwe yalaba nga buli kimu kyangu...?

Yalaba awaali ensimbi ennyingi n'ettutumu eringi, kubanga yali wa kubeera mugenyi, ate nga musajja mugezezi, muyivu, nga amanyi bingi ku mbeera z'abantu, era yali asobola okukola ebintu ebimu naye ate n'asigaza eddiini ye. Yalwooza nti, "Nnina okukkiriza mu Katonda, kale nja kuserengeta buserengesi mu Sodoma nko—nkoleyokko ku nsimbi ezisingako obungi, nfuuke omusajja ow'amaanyi, oba oli awo omubuulizi ow'ekitalo." Olaba, waliwo okulondawo kw'olina okukola.

⁶¹ N'ekibiina kirina okulondawo. "Nja kugenda mu kkanisa bw'eti eri. O, buli muntu mu kibuga alwooza nti eno y'esinga! Kubanga, eno ye kkanisa meeya w'ekibuga mw'asabira." Kati, ayinza okusabira mu kkanisa ennungi ennyo, naye era olina okupima ekkkanisa eyo n'abantu baayo nga osinziira ku Byawandiikibwa. Ebiseera ebimu bagendayo kubanga abangi gye bettanira, a—abantu bambala bulungiko nga bagenda mu bifo eby'enjawulo. Era awo we tukolera e—ensobi ey'amaanyi. Kati weetegerere kino.

⁶² Era Ibulayimu, ekintu kyokka kye yali asobola okukola kwali kulondako eky'okubiri. Era emirundi egimu okulonda eky'okubiri kusinga ku kulonda ekisooka, oba oyinza okukitwala bw'otyo. Wekkaanye, tewaayita bbanga ddene, Lutti nga amaze okulaba ekibuga ekinene, teyalaba mukyala we nga afuuka empagi y'omunnya, newankubadde, okulaba omuliro nga gwookya ekibuga kyonna. Naye Ibulayimu yalondawo kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa. Yabeeranga mu malungu.

⁶³ Kati, ate, watya ssinga Saala yagamba nti. . . Kati jjukira nti, Saala ye mukazi eyali asingayo obulungi mu kitundu. Tewaaliwo mukazi mulungi nga Saala. Buli omu, eyamulabangako, yamwegombanga. Kati, nga kyandibadde kyangu nnyo eri Saala okukola okulondawo nga okwo. Naye yalondawo kusigala na Ibulayimu.

⁶⁴ O, mmwe abakazi, temuganya ssitaani kubaziba maaso, mu kubeera ab'ettutumu n'okwegatta ku *kino* na *kiri*. Musigale ne Kristo! Kubanga, ekiseera kiseddedde, okuzikirizibwa okw'amaanyi kujja, okubi ennyo n'okusinga okw'e Sodoma ne Gomola, eri eggwanga lino. Sodoma ne Gomola bijja kuba birisingira wala.

⁶⁵ Kati, Ibulayimu bwe yasalawo okutwala okulondawo okwamuweebwa Katonda, n'atwala ettaka ery'olunnya, teyalaba mukisa n'akatono. Naye ate nga yali amanyi ekintu kimu nti, yali aweereza Katonda era yali akkiriza Katonda.

⁶⁶ Kati lumu ne wajja abasajja basatu, era bonna baali bajjudde akafuufu era nga bayenjebuse, ne Ibulayimu n'abasaasira, n'agamba nti, "Mukyame mutuuleko wansi w'omwera." Era bwe yali ayimiridde nga ayogera nabo, n'akitegeera nti tebaali bantu ba bulijjo, olw'enjogera yaabwe.

Baali ba njawulo. Awo Ibulayimu n'agenda n'atta ennyana n'alagira bagibaage, n'agamba Saala afumbewo omugaati yeetegeke okubagabula.

⁶⁷ Kati jjukira nti, ababiri ku bo baali Bamalayika, Bamalayika nga bali mu mibiri egy'abantu, ate omu ku bo yali Katonda Mwene. Era omu Oyo eyali Katonda yali akubye weema omugongo.

⁶⁸ Era Saala yasigala mu weema. Nnyumirwa okulaba omukazi nga ali mu kifo kye bw'aty, ssi kugenda n'alagira bba eky'okukola, buli mulundi lwe wabaawo azze. Naye yasigala mu weema. Awatali kubuusabuusa, oba oli awo yali ayoza bintu oba nga alina ky'akola.

⁶⁹ Kati Ono eyali Katonda, yatunulanga nnyo ku luuyi lwe Sodoma, era n'Abagamba kiki kye yali agenda okukola. Bamalayika ababiri ne baserengetayo okubuulira Enjiri. Naye Omu n'asigala emabega, oyo ye yali Oli eyali Katonda, n'Agamba nti, "Ssigenda kukweka Ibulayimu byama bye mmanyi, kubanga y'agenda okusikira ensi."

⁷⁰ O, tulina ebbeetu enkya ya leero, kkanisa, okumanya ebyama by'Okujja kwa Mukama. Kubanga, "Balina omukisa abatabaganya, baliyitibwa abaana ba Katonda. Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta, balikkusibwa. Balina omukisa abalina omutima omulongoofu, kubanga abo baliraba Katonda. Balina omukisa abateefu, kubanga abo balisikira ensi." Kati, ekkanisa ya Katonda omulamu bw'eba nga y'ey'okusikira ensi, tewaliwo byama bigikwekebwa.

⁷¹ "Byonna Kitange bye yanjamba, mbibagambye," Yesu bwe yagamba. Kyokka tebaasobola kumukkiriza.

⁷² Kale mu biro bya Ibulayimu, nga bwe yali ajuliza gye bali, yagamba nti nga Ibulayimu bwe yali ayogera ne Malayika, nga ate yali akubye weema omugongo, n'Agamba Ibulayimu nti agenda kumukyalira okuyita mu kumuwa omwana. Ne Saala, munda mu weema, n'aseka. Awo n'Agamba nti, "Lwaki Saala asese?" Yali alaga ki? "Lwaki Saala asese?" Waali wabulayo essaawa ntono nnyo okuzikirizibwa kubeewo, ekyo we kyabeererawo. Okuzikirizibwa nga tekunnaba, omuliro ogwo ogwava mu ggulu ogwayokya ekibuga, akabonero ako ne kakolebwa.

⁷³ Era Yesu yagamba nti, "Muwaba," ng'agamba abakenkufu mu by'eddiini, ng'agamba eggwanga linnaddiini nga mu lyo abakkiriza abaalirimu baali eyo mu bukadde. Yagamba nti, "Muwaba, olw'obutamanya Byawandiikibwa newankubadde Amaanyi ga Katonda." Eri omulembe nga ogwo, ogwali ogw'abasajja abaatendekebwa obulungi, abaali abayivu abaakuzibwa ekkanisa. Omwana bwe yazaalibwanga, yabeeranga wa kkanisa. Walina kuba Muyisirayiri. Ennaku munaana oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwo, kwabeeranga

kukomolebwa, naye walina kuba Muyisirayiri okusooka kwa byonna. Era obwakabona bwavanga mu Baleevi, abaatendekebwanga okumala emyaka bikumi na bikumi mu Byawandiikibwa. Kyokka ate Yesu yagamba nti, “Muwaba, olw’obutamanya Byawandiikibwa!” Baali babimanyi kusinziira ku kitabo kyabwe mwe baayigirizibwa, baali babimanyi kusinziira ku zi katekiisimu zaabwe, baali babimanyi kusinziira ku nsomesa yaabwe ey’eby’eddiini. Naye Yesu yagamba nti, “Temubimanyi, Ebyawandiikibwa, n’Amaanyi ga Katonda temugamanyi. Ssinga mwategeera Ibulayimu, nange mwandintegedde. Ssinga mubadde baana ba Ibulayimu, mwandintegedde, kubanga Ibulayimu yasanyuka bwe yalaba olunaku lwange, kubanga yalengera olunaku olwo. Bwe nnayimirira mu maaso ge mu kiseera kiri, mu mubiri gw’omuntu, ne nkola kino, yakitegeera nti yali Nze, era yampita ‘Elohim.’ Naye ate wano nkola ekintu kye kimu mu maaso gammwe, naye ate ne mumpita ‘Beeruzebuli.”

“O,” nga bagamba nti, “tulina Ibulayimu ye kitaffe.”

“Muyita Ibulayimu ‘kitammwe?’”

⁷⁴ Bwe yagamba, “Kubanga, tuli, tuli bannakkanisa. Tuli ggwanga linnaddiini. Tuli bantu ab’amaanyi. Tuli bantu ba Katonda!”

Yesu n’agamba nti, “Muli ba ssitaani, ye kitammwe.”

⁷⁵ Nnandyagadde okugeraageranya omulembe ogwo na guno, olwa leero, nga ddala waliwo abantu bukadde na bukadde abeeyita Abakristayo, naye nga tebalina kye bamanyi ku Katonda nga Omukotentoti nnansangwa w’omu maserengeta ga Afrika bw’atalina ky’amaanyi ku bifa e Misiri. Waliwo abasajja n’abakazi leero, ddala bukadde na bukadde obw’abantu abeeyita Abakristayo abaatula Kristo, nga tebamanyi na nnono esookerwako ey’Amaanyi ag’okuzuukira Kwe, era nga tebaleganga na ku bulungi Bwe. Tebawuliranga na ku Maanyi Ge. Amaaso gaabwe gaazibibwa eri Amazima.

⁷⁶ Yagamba nti, “Muli ba muzibe, era abasaale ba bamuzibe. Kale . . . o . . . omuzibe w’amaaso bw’akulemba muzibe munne, bombi tebaagwe mu bunnya?”

⁷⁷ Awo ne balowooza nti, “Tuli Bakristayo. Tuli bakkiriza. Tusabira mu makanisa agasingayo okuba ag’amaanyi. Ba labbi baffe be basingayo obukenkufu.” Naye ate nga Yesu yabagamba nti baali tebamanyi na Byawandiikibwa.

⁷⁸ Olaba engeri Katonda gye yabikisa amaaso g’abagezigezi n’abakalabalaba, n’abibikkulira abaana abato abasobola okuyiga? O, Amaanyi ag’ekitalo n’obusukkulumu bwa Katonda! Nga mulungi nnyo eri abo abayaayaanira okutambulira mu butuukirivu mu maaso Ge! Talina kirungi ky’Ajja kubamma.

79 Era okulaba ebiro nga eggwanga lyaffe, ensi yaffe, evunziddwa n'ekintu kye kimu!

80 Yesu yayagala abagololere ddala. Baagamba nti, “Ha, Ibulayimu ye kitaffe. Era tulibeerayo mu Kitiibwa, ekyo kireme kukweraliikiriza, kubanga tukkiririza mu Katonda. Tuli bakenkufu, era tukkiririza mu Katonda, era tuyigiriza abantu baffe. Era ggwe Ani okujja wano n'akabonero ak'edda a— akatategeerekeka akataliimu n'ogezaako okukiyita Katonda? Toli kirala kyonna wabula oli Beeruzebuli.” Kiikyoo, baalina ebigunje byabwe n'amadiini gaabwe.

Yesu n'abagamba nti, “Muli ssitaani.” Kirowoozeeko!

81 Era nsobola okufaananyiriza omulembe ogwo na guno, olwa leero we tulina obukadde n'obukadde bw'abantu abeegatta ku makanisa, tulina mitwalo na mitwalo. Naye Katonda akka wansi okubeera mu kkanisa Ye nate, n'okukola ebintu bye bimu bye yakola luli, okulabisibwa nti abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kyokka abantu ne bakikuba amabega, bulijjo, abamu nga baagala okubeera ab'ettutumu, abamu nga bewala okulondawo. Abantu kibakakatako! Oteekwa okukola okulondawo. Toyinza butabaako na ludda. Oteekwa okugamba nti “yee” oba “nedda.” Tolifuluma mulyango ogwo nga oli muntu y'omu nga bwe wayingidde. Tosobola kukikola. Oteekwa okulondako. Londawo ku lwa Kristo enkya ya leero.

82 Baalowooza nti buli ekyali eky'omu kkanisa kyali kya kulokolebwa. Yesu yagamba nti, “Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, era batono nnyo abaliriraba.”

83 Leka mbalabule enkya ya leero, kkanisa, mwegendereze. Kitwala akaseera leero, mu mulembe gwaffe ogw'obutuukirivu bwe twekoledde, ogwemalirira ogw'obunnanfuusi gwe tulimu. Ekiseera abasajja n'abakazi we bayimirira mu makanisa ne batuula ne mu ntebe, ne bayimba ennyimba za Katonda, kyokka ne bafulumu ekkkanisa eyo ne bafuweta ssigala, ne banywa n'omwenge, ne bagenda mu ndongo, ne—ne banyumirwa ebintu by'ensi, ne boogera eby'okubaalata ebikyafu, ebivundu, ate ne beeyita “Abakristayo.” Abasajja n'abakazi we basobolera okuva ku kituuti oba mu kkanisa, n'okuva mu kifo ekirimu Amaanyi ag'okuzuukira, akabonero ako aka Masiya we kalabisibwa mu makkati gaabwe, ne batabeera bitonde biggya mu Kristo, wabaawo ekikyamu. Nga ate empapula z'amawulire zibivumirira; n'okuva ku lubalama okutuuka ku lubalama, erudda n'erudda, okuva mu bitundu eby'obunnyogovu eby'omu Bukiikakkono okutuuka mu bibira eby'ebbugumu eby'omu Bukiikaddyo, Katonda akituma, naye abantu lubeerera bakisambajja. Kati kiki kye tusobola okwogera, kiki kye tuyinza okukola? Tuddayo eri Ebyawandiikibwa we yagambira nti, “Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, era batono abaliriraba.”

⁸⁴ Yagamba nti, “Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja kw’Omwana w’omuntu.” Muwulirize, mu biro bya Nuuwa, ensi yali ejjudde abantu nga bw’eri leero. Ssaayansi waabwe yali asinga ku waffe. Baazimba zi sifinkisi ne zi piramiidi ne bakola ebintu bye tutasobola kukola leero. [Ebbanga ku lutambi—Omul.] Abantu abasukkulumye, ab’ekitalo, abagezi. Ate jjukira nti, ssaayansi leero agamba nti, “Wabulayo eddakiika emu okuwera ettumbi.” Eddakiika ebula emu essaawa ey’okufa ekoone. Buyise nnyo n’okusinga bwe tulowooza. Nsuubira nti—nkakasa nti Omwoyo Omutukuvu ekyo ajja kukinyikiza mu mutima gwa buli mukkiriza, “nga mu biro bya Nuuwa”!

⁸⁵ Bameka abaalokolebwa mu nnaku za Nuuwa, mu mulembe ogwo gwonna? Munaana, munaana okuva mu bukadde obungi. Yagamba nti, “Bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja kw’Omwana w’omuntu.”

⁸⁶ “Era nga bwe kyali mu biro bya Sodoma, bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja kw’Omwana w’omuntu.” Okuva mu mitwalo n’emitwalo, basatu be baalokolebwa.

⁸⁷ Oyinza okunŋamba kati nti, “Mubuulizi, ate bali enkumi n’enkumi abalijja naye?” Kati, ow’oluganda, abo baakunŋanyizibwa okuva mu mirembe mingi.

⁸⁸ Ndyewuunya abantu abawera ddaziini bwe baliva mu mulembe guno. “Omulyango mufunda, n’ekkuo lya kanyigo, era batono abaliriraba.”

⁸⁹ O, mmanyi amakanisa, kye gagamba nti, “Bw’oteeka erinnya lyo mu kitabo n’ofuuka mmemba, *kino*, kiba kiwedde.” Tewaliyo Kyawandiikibwa bwe kityo. Buli kimu bwe kiwandiikibwa erinnya lyakyo mu kitabo, ne mu—mu kkanisa, wajja kubeerawo obuwumbi obukubisiddwamu obuwumbi emirundi buwumbi, buli kimu kijja kuyingira. Kitegeeza emyoyo gyonna egya buli ngeri gijja kubeerayo, kati awo Eggulu liribeera mu mbeera ki? Kirowoozeko kati.

⁹⁰ Nga omuntu omu bw’ayinza okunŋamba nti, “Kati lindako katono, Ow’oluganda Branham. *Gundi*, nnamuwulira nga ayogera mu nnimi, mmanyi ajja kugenda.”

⁹¹ Ekyo tekitegeeza n’akatono nti ajja kugenda. Pawulo yagamba, mu Bakkolinso Ekisooka 13 nti, “Ne bwe njogera n’ennimi z’abantu n’eza bamalayika, naye ne ssiba na kwagala, mba ssirina kye ndi.”

⁹² “O, nnagenda mu lukunŋaana lwa *Gundi*. O, nga yakola emirimu egy’amaanyi, egy’ekitalo. Nnamulaba nga azibula abazibe amaaso.”

⁹³ Era akyasobola okubula. “Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli ne bagamba nti, ‘Mukama, ssaabuulira mu Linnya Lyo, ssaalagala? Ssaagoba, mu Linnya Lyo, emyoyo emibi? Ssaakola,

mu Linnya lyo, emirimu egy'ekitalo?' Alibagamba nti, 'Muye wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu, ssibamanyangako.'" "Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, era batono abaliriraba."

⁹⁴ Muleke mbaweeyo ku kuteebereza okunaabewuunyisa. Okusenziira ku ssaayansi akwata ku by'ekisawo, mu kibuga kya Chicago, okusenziira ku kunoonyereza kw'abasawo, kulaga nti waliwo ensonga z'okujjamu embuto emitwalo esatu mu Chicago wokka, mu buli nnaku asatu, abasawo ze bafuna. Buweke bumeka bunu n'ebintu bye bamira, okujjamu embuto?

⁹⁵ Okunoonyereza kulaga nti, mu Amerika, abaana abazaalibwa nga beeboolereze basingira wala obungi abo abazaalibwa mu bufumbo obutukuvu. Obadde okimanyi nti Bayibuli egamba, mu Ekyamateeka 14:2, nti "omwana omweboolereze, kyatwalanga emyaka ebikumi bina ekyo okuggwawo"? Abaana b'abaana b'abaana b'abaana b'abaana baabwe tebasobola kuyimirira mu kkuṅṅaaniro lya Mukama, emyaka ebikumi bina, emirembe kkumi. Emyaka ana gwe mulembe. Jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajja waabwe yali mwana mweboolereze, takkirizibwa! Kati kiki? Ndaga we kyali kikyusiddwa.

⁹⁶ Ekyo kitulaga ki? Era kati abaana abeboolereze, olw'obwenzi, n'abakazi aboonoonefu abatambula ku nguudo nga bambadde ng'abasajja, nga ate ekyo kya muzizo mu maaso ga Katonda, abanywi ba ssigala, abanywi b'ebitamiiiza, abeeyita Abakristayo. Kitalo ba malaaya abo! Ekyo kituufu. Bwe bamala ne beeyita Abakristayo? Tekyewuunyisa Yesu yagamba nti, "Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, naye batono abaliriraba."

⁹⁷ Tebasobola kwekkakkanya. Bakakanyavu. Mulabe, Dawudi bwe yategeezebwa ekibi kye kye yali akoze, mangu ddala yeenenya, era Katonda yamwagala olw'ekyo. Ggwe bagambe ku bibi byabwe, bajja kugamba nti, "Ssiriddamu kuyingira wano." Lwaki? Balina ebifo bingi eby'okugendamu, basobola okugenda mu ezo empuku ezitakkirizibwa gye basobola okugumiikiriza ebintu nga ebyo. Naye ekiseera kituuse ababuulizi bambale eby'okulwanyisa bya Katonda byonna babuulire Ekigambo awatali kwekkiriranya, Enjiri. Abantu bateekwa okwewombeeka.

⁹⁸ Tewakyaliwo bwesimbu mu Bakristayo n'akatono. Baagala kugamba nti, "Ndi Mumesodisiti, ndi Mubaputisiti, ndi Mupentekoote," ekyo tekirina *kye* kitegeeza eri Katonda. [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'olugalo lwe—Omu.]

⁹⁹ "Nnayogera mu nnimi, nnakola eby'amagero." Essira lyonna tuliteeka kw'ebyo, nga ate ebyo bye bimu ku bintu ebisinga okuziba amaaso bye basobola okukola. Mazima. Enkuba etonnya ku batuukirivu ne ku batali batuukirivu. Enkuba

efukirira ekirime nga bw'efukirira ebiddoddo, Roy. Enkuba y'emu, Omwoyo Omutukuvu y'omu akka ku bantu. Ekyo era tekitegeeza...Obutonde bwabwe buteekwa okukyuka, okuviira ddala munda okudda ku ngulu. Sso ssi kulabisa okw'okungulu oba okwoleka, naye Omwoyo ow'omunda owa Katonda omulamu afuula omuntu oyo ekitonde ekiggya, n'awombeeka omutima gw'omusajja oyo oba omukazi oyo mu maaso ga Katonda.

¹⁰⁰ Ogamba nti, "Mubuulizi, ogezaako okunḡamba nti obuusabuusa oba ddaziini y'abantu baliva mu bukadde buno n'obuwumbi bw'abantu obuna abali mu nsi?" Mbuusabuusa oba nga baliwera eddaziini abaligenda mu Kukwakkulibwa. Kirowoozeeko! Mbagamba Yesu kye yayogera wano mu Njiri. Kirowoozeeko!

¹⁰¹ Kituuse wa? Kubanga obwoononefu bwayingira mu bantu, abaana abeboolereze ne batandika okuzaalibwa, ekyo kibajjamu. Olaba, tusobola okuyimirira wano okumala essaawa n'essaawa, nga tulaga ebintu ebyo, era okukiraba nti tuli mu mulembe gw'abantu omwonoonefu, omukolimire, oguvunze okutuukira ddala ku ntobo. Ky'ova olaba tebasobola kulaba bubonero bwonna, ky'ova olaba tebaagala kuwulira Njiri, bakakanyavu, naye ate nga bannaddiini nnyo era banyii kivu.

¹⁰² Ekyo Yesu teyakyogera nti, "Omwoyo ayogera lwatu nti, mu nnaku ez'oluvannyuma baliba bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda, abatatabagana, abateegendereza, abakambwe, abanyooma abo abakola obulungi, nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda?" Okiraba? O, osobola okuleekaana, ddala. Osobola okwogera mu nnimi, ddala. Okukkiriza kujja kugoba emizimu, ddala. Naye ekyo ssi kye twogerako.

¹⁰³ Kati awo oyinza okunḡamba nti, "Ow'oluganda Branham, kabonero ki akalaga Omukristayo? Ani alirokolebwa? Olirokolebwa, Ow'oluganda Branham?" Ekyo nnakikwasa Katonda. Ssimanyi. Nzikiriza nti ndi mulokole. Ngeraageranya obulamu bwange, buli lunaku, n'Ekigambo. Bwe buba tebukwatagana na Kigambo kino, awo wabaawo ekikyamu, nteekwa okuddayo ne ntereza.

¹⁰⁴ "Kale," ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, abantu bwe boogera mu nnimi, ekyo tekitegeeza nti baalokolebwa?" Nedda, ssebo! Nedda, n'akatonu! Mpuliddeko ku balogo n'abaganga nga boogera mu nnimi, ebintu byonna ebitaliimu. Ndabye ku bantu aboogera mu nnimi naye ne beebaka ne bakaabasajja. Ndabye ku bantu aboogera mu nnimi, ne babuukabuuka ne baleekaana gy'oli nti ennyumba ekutte omuliro, naye ne bagenda ne bakola ebintu eby'amankweetu, ne babba, ne balimba, na buli kimu kyonna. Oyinza otya okukisuubira? Nedda, ssebo.

¹⁰⁵ Nga bannakkanisa, badiikoni mu kkanisa, nga banyiiikivu nga bwe kisoboka. Lwaki, olowooza bakkiriza n’okugula obuguzi amafuta ku Ssande? Nedda. Naye ku Bbalaza ne bakola ekintu ekikyafu era ekivundu era eky’obugwenyufu. Katonda atuula mu mutima, sso ssi ku ngulu, kintu ekiva mu mutima.

¹⁰⁶ “Omulyango mufunda, n’ekkubo lya kanyigo, era batono abaliriraba.” Nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, munaana okuva mu bukadde n’obukadde obwo; nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, basatu okuva mu bukadde n’obukadde; bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu.

¹⁰⁷ Era olaba obuvundu bwe tulimu. Olaba engeri buli kufumiitiriza, kw’omuntu, agenda ebweru eyo ssitaani n’akozesa ababuulizi abakalabalakala ne bayimirira mu kituuti ne baleka abantu ne bayinaayina.

¹⁰⁸ Luli omuntu yagamba nti, “Ssisobola kukwaniriza mu kituuti kyange, oyinza okutabula abakazi bange.” Nedda, baatabuka dda. Kyandibakomezzaawo mu ntegeera yaabwe entuufu, nga mbagamba okulekera awo okwambala engoye zino n’ebintu ebirala. Ate, kale, wateekwa okubaawo omuntu akikola.

¹⁰⁹ Nnagamba mukyala wange nti, “Ntabuse omutwe, nze kennyini? Ngudde eddalu? Oba, kikyamu ki ekindiko?” Munda mu nze mulimu ekintu ekitasobola kusirika. Nteekwa okukyogera, ssifaayo omulala yenna kiki ky’agamba.

¹¹⁰ Bagamba nti, “Ogenda kwonoona obuweereza bwo.” Kale, obuweereza bwonna Enjiri bw’enayonoona, busaanidde okwonoonebwa.

Katonda atuwe obuvumu okuyimirira ku lw’ekyo eky’Amazima era twogere Amazima gaakyo! Kibi, kya nsonyi!

¹¹¹ “Omulyango mufunda,” Yesu bwe yagamba, “n’ekkubo lya kanyigo.” Kati mmwe abalowooleza mu bukadde n’obukadde, nga mwenna Abamesodisiti, Abapabutisiti, Abapulesibeteriyani, Abapentekoote muyingira, mulirimibwa ku lunaku luli. Yesu yagamba nti, “Bangi balijja ne batuula mu Bwakabaka, ne bagamba nti, ‘Nnina eddembe okubeera wano.’” N’agamba nti, “Naye abaana ab’Obwakabaka balibagobera ebweru. Awaliba okukaaba n’okukuba ebiwoobe n’okuluma obujiji.” Osaanide weekebere enkya ya leero, Mukristayo. Walibaawo obukadde n’obukadde emirundi kkumi nga bukubisiddwamu obuwumbi n’obuwumbi obw’abeeyita Abakristayo, nga era bakuukuutivu mu bulamu bwabwe, abataliyingira mu mulyango. Yesu bw’atyo bwe yagamba.

“Bameka abaliyingira?”

¹¹² Ssimanyi bameka abaliyingira. Kimu kyokka nti, “Katonda, nsaba mbeere omu ku bo!” Ky’ekyo. Ye Mulamuzi. “Nsaba mbeere omu ku bo.”

113 Ogamba nti, “Ow’oluganda Branham, kati omanyanya otya nga oli Mukristayo?”

114 Ssimanyi. Naye leka nkubuulire Ekyawandiikibwa kye kigamba. Nkakasa nti okikkiriza Ekyo. Omwoyo Omutukuvu bwe yatumbwa ku nsi, Katonda yayogera okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Yatuma malayika oku—oku, okusooka. N’agamba nti, “Genda oyite mu kibuga era mu bantu, oteeke akabonero ku byenyi by’abo, abasinda era abakaaba olw’eby’emizizo, nga bagolola ebintu ebyo.”

115 Eky’omuzizo kye kiki? Ye mukazi ayambala ekyambalo ky’omusajja. Katonda kimuleetera okwennyinyala. Wali obaddeko awali ekintu eky’omuzizo? Engeri gye kikwennyinyazaamu! Tosobola kukigumiikiriza. N’omukazi ayambala ekyambalo ky’omusajja, bw’atyo bw’aleetera Katonda okuwulira; oyinza okuyimba mu kwaaya, oyinza okusaba buli lunaku, n’oleekaana buli lunaku, oba n’obeerawo ku lwa Katonda buli lunaku, naye nga osingibwa omusango mu Maaso ga Katonda. Ekyo kyennyini Ekyawandiikibwa kye kigamba. “Eky’omuzizo!” Era abo abawagira ebiringa ebyo baligabanira wamu nabyo.

116 Katonda atuwe ekisa okuwakanya ebiringa ebyo. Bwe kiba kikwetaagisa kuyimirira wekka, yimirirawo onyweze Ekigambo kya Katonda mu mukono gwo. Tekiriremererwa.

117 Kati tutuuse mu kiseera, nga, eby’omuzizo by’abantu. Era Malayika azzeemu okugenda nga assaako akabonero nate. Nnoonyezaayo omuntu omu mu Jeffersonville, bw’oba oyagala okumanya anaagenda, nnoonyezaayo omuntu omu mu kibuga kyaffe asinda n’akaaba, nga bulijjo atawaanyizibwa era azitowererwa, ng’asaba olw’eby’omuzizo ebikolebwa mu kibuga. Osobola okuwatika omukono gwo n’obaako omuntu gw’osemba? Kati twala Ekyawandiikibwa kino nti, “Omulyango mufunda, n’ekkubo lya kanyigo, eridda mu Bulamu, batono nnyo abaliriraba.” Beebo bokka abaalina okussibwako akabonero.

118 O, bangi nnyo be nsobola okukulaga abagenda ku kkanisa. Bangi nnyo be nsobola okukulaga abayimba mu kwaaya. Bangi nnyo be nsobola okukulaga abasomesa Ssande sukuulu. Bangi nnyo be nsobola okukulaga abakulembera e—ebibiina eby’amaanyi. Bangi nnyo be nsobola okukulaga abaleekaana, bangi nnyo aboogera mu nnimi, bangi nnyo abali mu mulimu gw’Enjiri.

119 Naye ndagaayo omu nga munda ddala mu mutima gwe atawanyizibwa olw’ebibi by’ensi! Ndagaayo omubuulizi asobola okuyimirira leero n’anenya ebibiina by’amadiini ebyo. Ndagaayo omubuulizi anaayimirira n’ayogera ebintu, n’anenya ebibiina by’amadiini. Tekamutanda, ajja kugobebwa, awo w’ajja eky’okulya.

120 Ky'ova olaba Billy Graham yagamba Jack Moore, yagamba, tolaba engeri enkuŋaana zange gye zirimu, n'agamba nti, "Ssi Mubaputisiti, ate ssi Mumesodisiti oba Mupentekoote." N'agamba nti, "Bonna bamuwakanya." Mazima, ssigamba nti... Ensonga lwaki njogedde, ssi sobola kukyogerera mu lujjudde lw'abantu. Nkyogera eri kkanisa yange. Ndi mu kutawaanyizibwa, kubanga ekiseera eky'okugezesebwa kintuseeko.

121 Bagamba nti, "Bw'onajja, tewali buzibu, naye tobaako na ky'okyogerako Ekyo." Kisingako n'osirika.

122 Nja kubuulira ekyo Katonda ky'anaaba anŋambye mbuuliire! Kituufu. Omu ku abo omunaana ajja kubaako awantu awamu waali. Omu ku bo ajja kubaako awantu awamu waali. Naye ku lunaku luli ssaagala gunsinge olw'okugamba nti nnekkiriranya olw'ekiyiye kyonna oba enjigiriza y'ekkanisa yonna, oba ekibiina ky'eddiini kyonna. Mbuulidde Amazima!

123 Bagamba nti, "Lwaki to, lwaki obuweereza bwo, Ow'oluganda Branham, obulabika okuba obw'amaanyi, lwaki tebusaasaanira ku misinde nga obw'abasajja bano abalala bwe bukola?"

124 Ky'ekyo kyennyini awo. Ky'ekyo. Ŋenda mu kibuga, olowooza nti aba Assemblies of God banaakolagana nange? Ssi nga bwe nzikiriza, tebakolagana nange. Nnyinza okufunayo omu buli luvannyuma lw'ekiseera. Olowooza Abamesodisiti banaakolagana nange? Gezaako, olabe. Beera maneja wange okumala wiiki emu. Bw'ogendayo, ojja kugendayo mu Linnya lya Yesu. Kituufu.

125 O, wewaawo, bakuyita n'ogendayo, kituufu, ne bakuteeka mu kifo, nga tolina ngeri yonna gy'ogenda kukwataganamu nabo mu buli ngeri. Kati bw'ovaawo, ne bagamba nti, "Ha, kati, Ow'oluganda Branham alinako ekikyamu katono ku bwongo, omanyi. A . . ."

126 Bwemba nga nnina ekikyamu ku bwongo, kitegeeza Bayibuli nkyamu mu Njigiriza. Ekyo Bayibuli kye yayogera! Yee, ssebo. Wekkaanye!

127 Yesu yagamba nti, "Lwaki mumpita 'Beeruzebuli'? Sulemaani mwamukkiriza, akabonero ke ak'okwawula emyoyo. Mwakkiriza ebiseera bye. Kabaka omukazi ow'omu Bukiikaddyo yava mu bitundu by'ewala eby'ensi, okulaba ekirabo ekyo, era yakikkiriza bwe yakiraba. Kyokka ate mmwe mutuula ne mukitunuulira buli lunaku, naye ate ne mutakikkiriza."

128 Ne baganda Be Bennyini tebaamukkiriza. Baamugamba nti, "Genda ku mbaga," N'agamba nti, "naye ssigenda kati." N'ayita mu kkubo eddala, kubanga baganda Be bennyini tebaamukkiriza. Ekyo kituufu. "Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo era batono nnyo abaliriraba."

129 Bwe kyatuuka ku bayigirizwa, bwe baatuuka okwolekanya obwanga, baali luda wa? Omukazi n'omusajja be baayimirira ku mabbali g'omusaalaba ne beeyoleka naye, Yokaana awamu ne Malyamu. Abalala bonna baali baagenze.

130 Kuno kwe kwolekanya obwanga. Kino kye kiseera. Kye kiseera Katonda w'akolera ebintu. Kye kiseera nga Masiya ali ku nsi. Kye kiseera Amaanyi ga Katonda we gatambulira mu makkati g'abantu. Naye babayita "batukuvu-abeevulunga, bazoole, balalu," o, ebintu nga ebyo. Naye ekiseera kituuse!

131 Mazima walibaawo okuyiibwa okw'amaanyi ku lunaku lw'omusango.

132 O, omuyiisa w'omwenge, amanyi w'alibeera ku lunaku lw'omusango. Ne lujuuju amanyi w'alibeera. Ne malaaya naye amanyi w'aliyimirira. N'omukubi wa zzaala amanyi w'aliyimirira. N'omunywi w'omwenge naye amanyi w'aliba ayimiridde. Taliyiibwa.

133 Naye awalibeera okuyiibwa, beebo abaalowoozanga nti baali batuufu. Awo we waliba okuyiibwa. "Bwe balituuka waggulu eri, ne bagamba nti, 'Ddala, twagoba emizimu mu Linnya Lyo. Tuli babuulizi. Tuva mu kkanisa gundi. Twakola eby'amagero eby'amaanyi. O, nga twabuulira! Kubanga, nnali mu—nnali muwanika mu kkanisa. Nnali mulabirizi. Nnali *kino*.' Muve wendi, mmwe mwenna abaakola eby'obujeemu, Ssibamanyanganako." Kiikyo. Okwo kwe kuyiibwa. Yagamba nti, "Abaana b'abaana baabwe baliyigira ne batuula mu Bwakabaka, ne bagamba nti, 'Tulina eddembe okubeera wano,' naye balisuulibwa mu kizikiza eky'ebweru, awaliba okukaaba n'okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji." "Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, eridda mu Bulamu, batono nnyo abaliriraba."

134 Eri mmwe, abantu bange abaagalwa, enkya ya leero, muwulirize kino. Kino ssaakiyiya buyiia. Nvunaanyizibwa kukyogera. Kye kyokka kye nvunaanyizibwa. Bwe ssiribuulirayo bubaka bulala bwonna mu bulamu bwange, ago ge Mazima: wagenda kulokolebwa abantu batono nnyo. Ekyo mukijjukire: batono nnyo ddala. Ggwe beera omu ku bo.

135 "Be baani, Ow'oluganda Branham?" Ssimanyi. Tewali mulala yenna amanyi. Tukola obulokozi bwaffe ffennyini n'okutya n'okukankana.

136 Naye ggwe tereera ne Katonda. Omutima gwo bwe guba nga tegukuba kusinziira ku Bayibuli eyo, awo waba waliwo ekikyamu, waliwo ekikyamu. Ssi nsonga ekkansa yo eyogera ki, tosobola kuyingirira kw'ekyo. Oteekwa kuyingirira kw'ekyo Katonda kye yayogera. Kino kye Kitabo mw'oliramulirwa, Bayibuli. Ginywerereko!

137 “O,” ogamba nti, “kale, nnabatizibwa mu Linnya Iya Mukama Yesu.” Ekyo kituufu, eyo Bayibuli. Naye obulamu obwo bwe butakigoberera, tekyakugasa okubatizibwa.

138 Ogamba nti, “Kale, nnafuno Omwoyo Omutukuvu.” Ekyo kirungi, ekyo kye wali oteekwa okukola. Naye obulamu bwe buba tebuliimu!

139 Jjukira nti, omuddo gufuna amaanyi ge gamu agagwa ku njanano okugikuza, galeetera omuddo okuleekaana, nagwo. Omuddo guno omuto gwesimba butengerera nga musanyufu nga enjanano bw’eba. Ekyo kituufu, bibeerawo ku bulamu bwe bumu. Era omwonoonyi asobola okubeera mu Kubeerawo kwa Katonda, n’aleekaana obuwanguzi, era n’abeerawo nga Omukristayo. Naye bwe watabaawo kya njawulo mu mutima! Asobola okubeera n’Amaanyi ge gamu okugoba emyoyo emibi. Yesu bw’atyo bwe yagamba. Asobola okubuulira Enjiri bulungi nnyo nga omubuulizi omulala yenna bw’agibuulira. Ky’ekyo kyennyini, Yesu kye yagamba. Bayibuli ky’eyigiriza. Yee, ssebo. “Ne bwe njogera n’ennimi z’abantu n’eza bamalayika, ne bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka, ne ngabira abaavu byonna bye nnina, nga nni—nnina okukkiriza okujjawo ensozi, ne nkola bino byonna, ne mbuulira mu Linnya Lye, ne ngoba emizimu mu Linnya Lye,” yagamba nti, “Ssirina kye ndi.” Kale, ayinza okubikola, naye nga “talina ky’ali.” Mukitegeera?

140 Kati, eky’okukola kiri nti, okuviira ddala mu mutima gwo, beera Mukristayo, kati yingira mu mulyango omufunda. Kubanga, ekkubo ggazi eridda mu kuzikirira, era bukadde emirundi bukadde mu mulembe guno obw’abakkiriza abajja okuliyingiramu. Kubanga, omulyango mufunda, n’ekkubo Iya kanyigo, ggwe ne Kristo mwekka.

141 “Ekkubo Iya kanyigo eridda mu Bulamu, era batono nnyo ddala abanaaliraba.” Kati, ebyo bye Bigambo bya Mukama waffe. Abaffe! Yali akola ki? Ng’ayimirdde awo, ayawula ebirowoozo byabwe.

142 N’agamba nti, “Oyo Beeruzebuli. Kale, ayinza atya okubeera Katonda? Muntu! Amagezi gano gaava wa?” bwe batyo bwe baayogera mu kibuga Kye Mwennyini.

143 Bw’otambula mu kibuga wano, kirabika nga...kino ssikyogera kubanyooma bantu mmwe; muli Bakristayo, munjagala. Otambula mu kibuga wano, ne kirabika nga amaanyi ga Ssitaani agakutomera ogwe wansi. Ekifo kino kyasalirwa omusango. Ekibuga kino kyasalirwa omusango.

144 Kiki Billy Graham kye yayogera bwe yayingira Louisville? Yagamba nti ekyo “kye kifo ekikyasinze okubeeramu amaanyi g’emizimu” kye yali alabye mu bulamu bwe. Yakiteeka mu mawulire, n’agamba nti, “Osobola okuwulira okunyigirizibwa kwa ssittaani.”

145 Mazima, nange nsobola okukuwulira. Lwaki? Wano we waka wange. Yesu bwe yaddayo ewaka waabwe, yagamba nti emirimu mingi egy'amaanyi gy'ataasobola kukola, olw'obutakkiriza bwabwe. Yagamba nti, "Nabbi tabulwa kitiibwa, omubuulizi, okujjako mu nsi ye—y'ewaabwe, mu bantu be." Okiraba? Tosobola kukyebeera, Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Okiraba?

146 Kati, bw'otambula mu kibuga wano! Ate temuḡamba nti sisobola kukitegeera. Nsisinkana abantu abankwata mu ngalo ne bagamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, nk wagala." Ate nga okimanyi nti bulimba! Nga okimanyi bulimba. Katonda bw'aba asobola okuḡamba ebirowoozo by'omumutima, lwaki aba tasobola kuḡamba ekyo?

147 Mazima, ate mu makkati g'abantu bo bennyini mu kibuga! Bwe bakulaba, ne bagamba nti, "Kale, omanyi, nnina we nnalabye ekintu bwekiti ne bwekiti. . ."

"Wa? Kyabadde wa?"

"Engulu ku. . ."

"Eh! Omusajja oyo tumumanyi!"

148 Okiwulira. Muleke mbabuulire, leka ewuwo wajjewo omuntu atakwagala nnyo kiri awo, atuuleko mu nnyumba yo katono owulire enneewulira eyo etali nnungi. Kati ekyo kikubiseemu emirundi omutwalo gumu n'enkumi nnya, olyoke ofune kye njogerako. Ate n'oyingira mu kifo nga buli muntu akwagala, enneewulira eyo ey'okwanirizibwa, yokka, o, bannange, oyagala osigale awo lubeerera, okiraba. Ky'ekyo, okiraba, mwoyo. Ate abantu tebamanyi kiki kye kiri, bewuunya lwaki abantu boonooneddwa nnyo.

149 Kiki ekireetera abakazi abantubalamu, kiki ekireetera abakazi abantubalamu okwambala engoye ezo ezitasaana ne batambula? Kiki ekibaleetera, ne kaakati nga obudde bukyannyogoga, abawala abato ab'emyaka kkumi na mukaaga, nga bambadde engoye ze batasaanidde na kwambala mu maaso ga bannyaabwe, naye nga bali ku luguudo? Kiri nti, omwana oyo si ye nsonga (omwana oyo tamanyi ky'akola), naye olw'okuba nga omubuulizi omu mu kituuti alededdwa okukola omulimu gwe. Ekyo kituufu ddala. Mazima. Abakazi batambula ku nguudo, nga bonna bambadde mu ngeri esikiriza n'ebintu bwe bityo, aboononyi ne babatunuulira naye nga omukazi oyo takimanyi nti alina omusango nga eyeebase n'omusajja oyo mu buliwo. Yesu bw'atyo bwe yagamba! Yesu yagamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okwenda naye mu mutima gwe, era alikyanukulira ku lunaku olw'omusango." Omulyango mufunda, n'ekkuubo lya kanyigo!

150 Mmanyi mulowooza nti ndi musajja mukalubo. Ssiri mukalubo! Ndi muganda wammwe, era mbaagala.

151 Dduka obusungu obugenda okujja! Genda ku musaalaba okaabe okutuusa nga omutima gwo gujjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu, anaakukyusa okuva ku bintu byonna eby'ensi, otambulire mu kutya Katonda mu maaso Ge, nga omutima gwo gubugujja ku lulwe. Kwagala! Ssi kutuukiriza luwalo. Kristo ssi kutuukiriza luwalo, okuweereza Kristo, okwagala kwe kuweereza Kristo. Kukusindiikiriza, kukuwaliriza, okutuusa nga buli ntunnansi y'obulamu bwo ekubira wamu naye. Awo w'olabira ekibi.

152 Era yakaabira ku nsi. Kyanakuwaza Katonda mu nnaku za Nuuwa, bwe yatunuulira emitima. Era Yesu yatuula waggulu ku lusozi, n'agamba nti, "Yerusaalemi, Yerusaalemi, emirundi emeka gye nnayagala okkukunjaanya, naye ekiseera kyo kituuse n'ennyumba yo erekeddwa kifulukwa."

153 Bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja kw'Omwana wa Katonda, emitima gy'abakkiriza ab'amazima mimenyefu. Alaba nga kati wateekwa okubaawo okudda obuggya nga kwera eggwanga lino. Kuyinza kutya okubeerawo okuyita mu bibiina by'abeeboolereze? Kisoboka kitya, nga okusooka kwa byonna baasalirwa dda omusango?

154 Obwakabaka bwa Katonda bulinga omusajja eyasuula akatimba mu nnyanja, era, bwe yakajjaayo, yalinamu enfudu, obufudu, emisota, ebikere, n'ebyennyanja. Tekyali eri ye okusalawo kiriwa ekikwatibwa, yabisuula busuuzi ku lubalama. Ekyo Enjiri ky'ekola. Ekyo kye tukola Billy Graham, Oral Roberts, nange, n'ababuulizi abalala bonna ababuulira Enjiri, tukakasuka, ne tukajjaye nti, "Baabano Mukama." Naye kiki kye tuba tukola buli kiseera? Tukizuula nti, oba tonnakomawo nate, nga baddayo dda mu kidiba nate. Kiki? Okusooka kwa byonna, yali nfudu ey'omumazzi. Ekyo tekyamukyusa, eky'okukwatibwa mu katimba k'Enjiri. Okusooka kwa byonna yali nfudu ey'omumazzi. Okusooka kwa byonna yali kafudu ka mu mazzi. Okusooka kwa byonna yali musota. Yali munnanfuusi nga tannajja mu kkanisa. Teyalina na kuyaayaana kwa kulekeraawo kutamiira kwe na kuzannya zaala, n'okufuuwa ssigala n'okulimba, n'okubba. Yajja lwa kuba yali atya ggeyeena. Oba weesembereza ggeyeena okusinga luli, bw'okola ekyo. Kituufu. "Omulyango mufunda, n'ekukubo lya kanyigo, era batono nnyo abaliriraba."

Tusabe.

155 Mukama, o, nkebera, Mukama. Sala omusango gwange kati, Mukama. Tonjanyanya kujja mu kusalirwa musango mu maaso Go, nga mmaze okubuulira bwe nti. O, bwe wabaawo ekintu kyonna ekitali kirongoofu mu nze, Mukama, kiggyeewo, nkwegayiridde! Tulaba ebiro bye tulimu, nga abasajja n'abakazi beeyongera okukakanyala. Baswavu. Wagamba lumu nti, "Tewakyali na kukwatibwa nsonyi mu bawala ba Sayuuni."

Okwegendereza kwabwe kwabaggwerako ddala n'okutuusa nti tebakyakwatibwa na nsonyi n'akatono. Ai Mukama, mukirowozeeko! Era tegeera nti essaawa ey'emitala eri ebala, mu ddakiika endala emu oba bbiri, okuzikiriza okw'amaanyi kujja kutuuka, awo leka omugwagwa asigale nga mugwagwa.

¹⁵⁶ Katonda, tugolokose ffenna enkya ya leero. Tunyeenye, Mukama! Tulaba obubonero nga bulabika. Amaaso gaffe tugakanudde okulaba ekyo. Tulaba obukadde, obukadde, Mukama, abakyuse ne badda emabega. Nneewuunya, kiki kye nnyinza okukola, kiki kye nnyinza okukola, Ai, Mukama? Waliwo ekintu kyonna, Mukama? Bwe kiba kyetaagisa kweyongera kubuulira, kweyongera kusaba, okweyongera mu kintu kyonna, nnyamba, Mukama, nsobole okuleeta Obubaka eri abantu. Kiki kye nnyinza okukola? Naye era babeera babugaana bulijjo. Okola obubonero Bwo obw'amaanyi n'okola ebyewuunyisa Byo, naye era abantu basigala bagenda mu maaso. Kiri bwe kityo nti Ekyawandiikibwa Kyo kisobole okutuukirira, kye kiseera nti, "Tewali muntu asobola kujja gye ndi wabula nga Kitange y'amuwaludde, era abo bonna Kitange be yampa balijja gyendi"? Mukama Katonda, nsaba enkya ya leero nti abantu bagolokoke era balabe akabonero kano akasembayo ak'ensi. Nsaba, Katonda, nti obeeko ne ky'owa abantu.

¹⁵⁷ Wa omukisa abantu bano abatono abali wano enkya ya leero. Katonda, tandika n'Ow'oluganda Neville, Mukama. Wonya omubiri gwe. Mulwadde enkya ya leero, Mukama, olubuto lumutawaanya. Nsaba omukono Gwo oguwonya gumukomeko. Siikuula emmeeme ye.

¹⁵⁸ Katonda, tambula mu kibiina kino. Waliwo wano abasajja n'abakazi be nnyinza obutaddamu kulaba okutuusa ku lunaku luli ku lw'omusango, lwe ndyanukulira. Naye nsomye Ekigambo Kyo nti, "Omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, era batono nnyo abaliriraba." Ai Mukama, leka bano babeere "abatono" abo, abamu ku bo, onaaakikola, Mukama? Nsaba okikolere buli muntu ali wano.

¹⁵⁹ Nsaba nga omuntu bw'ayinza okusaba. Mukama, abantu bano basobola okunkolera ekintu kyonna, ekikwatagana n'okunnyamba. Ssinga mbadde muyala, baalindiisiza. Ssinga mbadde nneetaaga ssuuti, bandigiguze. Baaligenze bonna wamu ne bangulira emmotoka, okubuulira Enjiri. Basobola okukola ekintu kyonna ekikwatagana n'ebyo. Ai Kitaffe, kebera emmeeme zaabwe enkya ya leero, nkusaba kikole, era nsaba bekebere mu maaso Go. Ssimanyi, nzikiriza nti buli omu ku bo y'omu ku Balonde bali. Era mbaliraamu, nange, Mukama. Era bwe wabaawo ensonga yonna mu nze eyandinnemeseza okubeeramu, Mukama, Ggwe gimbikkulire, nja kugitereerezaawo kati. Njagala kubeera mukakafu, Mukama, kibeere nti ku makya gali tewalibaawo mutawaana

gwonna ku mugga. Njagala nnyingire ku lunaku luli. Era ssimanyi oba luliba ddi, luyinza n'okubeera olwa leero. Kale, nnyamba mmanyeye, yamba abantu bano bamanye.

¹⁶⁰ Era bwe tulaba emitima gyaffe nga tegifaayo! O, tunyumirwa Obubaka obulungi okubuwuliriza ku leediyo, oba okugenda ku kkanisa. Tusiima Obubaka obulungi. Tetufaayo kwogera ku Yesu wantu wonna. Naye, Mukama, ekibi mugugu nnyo gye tuli, okutuusa nti kireeta amaziga mu maaso gaffe, n'okusinda n'okukaaba n'okukirwanyisa, buli kimu, eby'emizizo ebikolebwa mu kibuga? Mukama, nsaba Malayika wa Katonda ekyo akitulabeko, era atusseeko akabonero. Kituwe, Mukama.

¹⁶¹ Wewaawo jangu, Mukama Yesu, kati oteeketeke emitima gyaffe, era otuwe obubonero Bwo obutuufu nti Oli mu makkati gaffe, tusobole okumanya nti tufuna—tufuna akabonero akasembayo nga enkomerero y'omulembe guno tennaba.

¹⁶² Era tulaba obweboolereze, ng'abasajja mu ggwanga bazaala abaana mu bakaabasajja, nga—nga abawala abato ku nguudo, nga bikumi na bikumi bagobebwa mu masomero buli mwaka olw'okufuna embuto nga bakyalibato, era tewali kuwa kitiibwa, n'engeri abakazi gye bafuuse obutwa, bo bennyini, okuyita mu kufuuwa ssigala n'o—n'okunywa omwenge, ne tereviizoni n'ebirala ebiri mu kwonoona ebirowoozo by'abaana abato. Ai Mukama, kinaatuusa wa? Nga ate Ggwe, oli Katonda Omutukuvu!

¹⁶³ Ai Kitaffe, mpu—mpulira mu ngeri etali ya bulijjo enkya ya leero nti waliwo ekiteekwa okukolebwa mangu ddala, Mukama. Ssimanyi kya kwogera, naye nsaba, Mukama, nti oteeke mu mitima gyaffe eky'okukola. Tusaba otuwe ebintu bino, Mukama. Tubisaba mu Linyaya Iya Yesu. Amiina.

¹⁶⁴ Ekiseera kinaatera okutuuka. Buli muntu alina amagezi ategeera, akimanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo. Tewaliiwo muntu mu kizimbe kino, ategeera obulungi, atamanyi nti ensi eno tekyasobola kubeerawo mu mbeera eno.

Tetukyasobola kubeerawo, ab'emikwano. Tewaliiwo kintu n'ekimu, nga musumba wammwe era muganda wammwe, tewaliiwo kintu n'ekimu kye nsobola kubasongerako enkya ya leero wabula Yesu Kristo. Tewaliiwo kintu kyonna kye mmanyi. Mulowooze ku bintu ebyalagulwa okubaawo nga Okukwakkulibwa tekunnabaawo, buli kintu kye mmanyiko kyamala dda okutuukirizibwa.

¹⁶⁵ Mugamba nti, "Ate akabonero k'ensolo?" Ako ka kujja mu Kibonyoobonyo. Ekkanisa eriba emaze okutwalibwa mu kiseera ekyo. Tekiryetaagisa kubassaako kabonero bano, bano baliba bagenze, mukiraba. Okussibwako akabonero kugenda mu maaso kati. Okussibwako akabonero kwe kwoleka, obulambe. Ddukira eri Katonda, ddukira gy'Ali mangu ddala!

¹⁶⁶ Ssimanyi oba enkya ya leero, nga bwe tulindiridde wano katonno. Era mpulira nga bwe muwulira. Nso—nsobola okuwulira bwe muwulira, buli omu ku mmwe agezaako okulowooza nti, “Ai Katonda, nkeberera ddala!” Mpulira bwe ntyo, nange. Nkitegeera nti Obubaka nga buno, mikwano, abantu tebabwettanira nnyo. Obanenya n’obane... oba—obaleetera buleetezi okuggwamu amaanyi. Ekyo waliwo atekwa okukikola. Injamba nti oba ssinga abadde muntu mulala. Naye bwe kituuka nga nze nnina okukikola, bwe mba nga nze nnina okubeera omukazi akuuta, leka nkuute. Bwe mbeera... Dawudi yagamba nti, “Waakiri mbeera ekisiimulirwako ebigerere mu Nnyumba ya Katonda, okusinga okutuula mu weema z’ekibi.” Ekyo kituufu. Kyonna Katonda ky’ayagala okole, kikole. Tokwatibwa nsonyi. Bwe wabaawo... .

¹⁶⁷ Ate, jjukira nti, nkimanyi nti ekyo kintu kya maanyi. Ogamba nti, “Ow’oluganda Branham, ogamba nti emmeeme munaana zokka ze zinaalokolebwa?”

¹⁶⁸ Ssimanyi mmeka ezinaalokolebwa, ssisobola kuzikugamba. Naye kimu kye njamba: bagenda kubeera batono nnyo, mu biro nga bino. Ggwe lowoozaamu, mu nnaku ziri mwe yali, bameka abaalokolebwa. Lowooza ku nnaku za Nuuwa, ne ku nnaku za Lutti—Lutti, n’abo bonna, Yagamba nti, “Bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu, kubanga, omulyango mufunda, n’ekkubo lya kanyigo.” Okiraba, oyingirayo wekka, wamu naye, mwekka. Okiraba? “Era batono nnyo abaliriraba.” Bameka abakkiriza nti ago ge Mazima g’Enjiri? Yesu Kristo bwe yayogera nti, “Batono nnyo abaliriraba.” Batono nnyo ddala. Beera omu ku batono abo. Nkimanyi ekyo kizibu, kya kunyigiriza. Era kinzibuwalira nange okukyogera, nga mpulira omukwano ogw’abantu gye muli, naye okwagala kwa Katonda kumpaliriza okubagamba.

¹⁶⁹ Kati, Omwoyo Omutukuvu y’omu eyakola mu nnaku za Ibulayimu, ye yakola mu nnaku za Kristo, yasuubiza okubeera wano akole ekintu kye kimu. Ali wano. Kati, bwe mba mbagambye Mazima, Katonda avunaanyizibwa eri Amazima ago.

¹⁷⁰ Bwe ssikuuma kigambo kyange, mbeera ssituukirizza bye njogera. Bw’otakuuma kigambo kyo, oba totuukiriza by’oyogera. Kati, nnyinza okubaako ne kye nkusuubiza naye ne ssikikola, naye—naye nja kujja gy’oli nkutegeeze. Bw’oba olina ky’ommanja, ne nkwekweka, mbeera munnanfuusi. Bwe nzija ne nkugamba nti, “Ommanja, naye ssinnasobola kukusasula, naye nja kukola kyonna kye nsobola,” awo onsonyiwa n’onnyamba. Mukiraba?

¹⁷¹ Ffenna tulina ebbanja eri Katonda. Tulina ebbanja ery’obulamu bwaffe gy’Ali. Leka tubeere beesimbu mu ekyo. Ofulumu n’ogamba... . Togamba nti, “Kale, kati labayo, ndi—ndi

Mupulesibeteriyani. Ndi Mumesodisiti. Ndi Mupentekoote. Ndi wa Church of God. Ndi Munazaleeni. Ndi wa Pilgrim Holiness.” Tolowooza bw’otyo! Walibaayo bangi bwe batyo mu ggeyeena. Ggwe beera Mukristayo, mu Kristo.

¹⁷² Bameka abagamba nti, “Ow’oluganda Branham, nzijukira mu kusaba kati, njagala kusituka”? Katonda abawe omukisa.

¹⁷³ Mukama, olaba emikono gyabwe. Ekiseera kye kino, Omwoyo Omutukuvu ow’ekitiibwa aleese akasiriikiro mu kizimbe kino enkya ya leero. Mpulira Okubeerawo Kwo. Nkitegeera nti Oli wano okussa ekitiibwa mu Kigambo Kyo nti, “Nze Mukama nze nsize, era ndikifukirira amazzi emisana n’ekiro, omuntu yenna aleme okukisikula mu ngalo zange.” Otumye Ekigambo Kyo okubaako ne kye kikola, era kijja—kijja kukola ekyo, Mukama. Ebyawandiikibwa bigamba nti oba bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna.

¹⁷⁴ Tebaayinza kukkiriza, abantu bali mu nnaku Zo tebaayinza kukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu yali mu Ggwe. Era weefuula (nga Omuntu) Katonda, nga mu ekyo, Ggwe wali Omwana wa Katonda eyazaalibwa embeerera eyajja ku nsi okutununula okuva mu bibi byaffe. Era olw’okubanga baalaba Omwoyo wa Katonda mu Ggwe, baagezaako okukifuula ekirala. N’obagamba, Mukama nti, “Ssi Nze nkola emirimu wabula, Kitange ali mu Nze. Oyo y’Akola emirimu. Bwe muyita Ibulayimu ‘kitammwe.’ Ibulayimu yalaba olunaku Lwange.” Ddala, yalulaba, bwe yali nga ayimiridde naye, yamulaba nga akola emirimu egyo n’akabonero. “Yalaba olunaku Lwange n’asanyuka.” Wagamba nti, “Muwaba, olw’obutamanya Kyawandiikibwa newankubadde Amaanyi ga Katonda, engeri Katonda gy’asobola okusiikiriza embeerera, n’ezaala omwana Ow’obulenzi (nga azaaliddwa mbeerera) n’Atuula mu bujjuvu bw’Amaanyi Ge, mu Muntu oyo omu.”

¹⁷⁵ N’engeri gye yasobola okuddira Omusaayi ogwo gwe gumu okuva mu Mubiri ogwo gwe yawaayo nga Ssaddaaka, n’atukuza abantu asobole Mwene okubatuulamu, okwongera mu maaso omulimu Gwe okutuusa ku nkomerero y’okutuukirizibwa! Ai Katonda, golokosa abantu bakirabe ekyo. Kituwe. Lokola buli omu ayimusizza omukono gwe. Longoosa emitima gyabwe. Mukama, emikono gyange ngiyimusizza. Nnongoosa, Ai Mukama. Eno nnyumba ya kugololwa. Kino kye kifo we tusaanide okunaazibwa. Leka Omwoyo Omutukuvu atunaaze enkya ya leero, era atulongoose okuva mu bwonoonefu.

¹⁷⁶ Tusaba, Mukama, nti waleme kubaawo muntu yenna afuluma wano wabula nga ajjuziddwa n’Omwoyo Wo. Oba oli awo wayinza obutabaawo kukyamuukirira kwonna ku ngulu bwe kinaabaawo. Naye, Mukama, yingira munda, susumbulako ekiwaawo otulage kiki kye tuli, Mukama. Kituwe. Oluvannyuma otujjuze n’Omwoyo Wo, n’omutima omwesimbu

era omulongoofu. Era mu kiseera kino eky'okuyigganyizibwa n'ebigezo ebikakali, oja kweyongera okubeera omulungi era omwagalwa gye tuli nga bwe tweyongerayo, nga tulindirira olunaku olwo. Nga amaziga gakulukutira ku matama gaffe, olw'ebibi by'ekibuga, leka Omwoyo Omutukuvu atunule wansi era agambe nti, "Waliwo gwe nsobola okussaako akabonero, omukazi oyo wange, omusajja oyo wange." Kituwe, Mukama. Leka kisangibwe mu makkati gaffe leero. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Bwe ndituuka ku mugga ku nkomerero
y'olunaku,
Nga embuyaga ezisembayo ez'ennaku zimaze
okukunta;
Walibaayo Annindiridde alindaga ekkubo,
Ssirismoka Yoludaani nzekka.
Ssirismoka Yoludaani nzekka,
Yesu yafa okutangirira ebyonoono byange
byonna;
Bwe ndiraba ekizikiza, Aliba annindiridde,
Ssirismoka Yoludaani nzekka.

¹⁷⁷ Njagala kumumanya kati. Kwata omukono gwange, Mukama ow'omuwendu, nkulembera, nsobozesa okuyimirira. Leka nnyimirire wano, Mukama, nga nnwana na buli kimu kyonna ekikyamu, buli kimu kyonna ekirabika obubi. Ssifaayo omuntu omulala yenna ky'agamba, leka nnyimirire, Mukama. Nga nkoze byonna bye nsobola okukola, nnyamba nnyimirire. Kwata omukono gwange obimpiseemu, Mukama. Baako ky'okola, nsobozesa okuyimirira. Ebintu ebyo bwe bijja, n'obugagga bw'ensi eno n'okwakayakana kwayo kwonna n'ekitiibwa kyayo; ziba amaaso gange gye biri, leka ndabe Oyo yekka eyanfiirira. Bwe kiba nga kya kunjawukanya na buli wa mukwano gwe nnina, bwe kiba nga kya kuntwalako buli kimu kye nnina; ebyo tebirina kye bitegeeza n'akatono, mbiwaayo byonna ku kyoto. Ky'ekyo, leka nnyimirire nga ndi mwesigwa. Era lumu empewo bw'erifuuwa ku maaso gange, ne ntegeera nti omutima gwange gugenze n'ennaku zange ziweddeko, nga ekiseera kyange kituuse nga kaadi yange eggiddwa mu ssa, ssaagala kusomoka Yoludaani nzekka. Alibaawo. Weewaawo. Bwe ndiraba ekizikiza, Alibaawo awo nga annindiridde, Ssirismoka Yoludaani nzekka. Bwe nnyimirira ku lulwe kati, aliyimirira ku lwange ku luli. Nja kubeerawo ku lw'Oyo eyanfiirira, nga obulamu bwange buliba bwa ssanyu. Bwentyo bwe njagala okuyimirira.

¹⁷⁸ Nsubira waliwo abalwadde wano. Alina kaadi zonna ze yagabye? Nneerabiddemu. Baagabye kaadi? Waliwo kaadi zonna ezaagabiddwa? Waliwo alina kaadi ey'okusabirwa? Tewali.

¹⁷⁹ Nnindiridde ku Mwoyo Mutukuvu. Ssinga mukkiriza

bukkiriza, mubeere bubeezi n'okukkiriza, temubuuabuusa. Katonda ssinga anambikkulira ebizibu byammwe... Kyonna kye biri, ssimanyi; bw'oyimusa omukono gwo, tommanyi nange ssikumanyi. Kati Katonda ssinga anaabikkula wano, munakkiriza nti ye Malayika y'omu eyaleeta Obubaka nga okuzikirira tekunnabaawo ku luli, nti abeera Malayika y'omu abadde abuleeta kati nga okuzikirira okulala tekunnabaawo. Munaakikiriza ekyo? Bw'oba nga onakikiriza, yimusa omukono gwo. Kale. Kale, Mukama akikole.

¹⁸⁰ Atudde kumpi nange. Waliwo omulala atudde okumpi nange, ye Muky. Snyder wano, manya ono Muky. Murphy wano, lye linnya lye atudde wano wennyini. Mbamanyi.

¹⁸¹ Omusajja ono ssimanyi, tetumanyiganye. Naye Katonda amumanyi. Katonda bw'anaakibikkula kati, bameka ku mmwe abakimanyi nti ssi. . .

¹⁸² Tontunuulira. Nze, ndi mmunnakyalo woomu nsozi ze Kentucky, ku kikwatagana n'ekyo. Ssi—ssirina na buyigirize bumala, nzibuwalirwa, n'oku—n'okuwandiika erinnya lyange. Naye waliwo ekintu kimu kye mmanyi, mmumanyi. Era ekyo, kye—kye kyokka kye nfaayo okumanya. Kati, to—tofaayo ku njogera ya luzungu lwange.

¹⁸³ Era oyinza okulowooza nti obubaka bwange enkya ya leero bwonna bw'abadde tebukwatagana n'ebirala, ggwe bugeraageranye ne Bayibuli lumu olabe oba nga toteebere ddala wakati wennyini. Kebera olabe oba nga ekitangaaza kyo tekiteebere awo wennyini bw'o—bw'onokiteekako. Tobugeraageranya na birowoozo byo, naye bugeraageranye ne bye yayogera. “Omulyango mufunda, n'ekkuubo lya kanyigo, era batono nnyo abaliriraba; kubanga ekkubo ddene eridda mu kuzikirira, n'omulyango mugazi, era bangi abaliriyitamu,” bukadde emirundi bukadde be baliriyitamu. Kyandiba nga mu buli kakadde mulivaamu omu. Kiikyo. Ky'ekyo kye yayogera. Kati, teyawa muwendo ogwo, naye yagamba nti, “Nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, emmeeme munaana. Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, basatu.” Okuva mu bonna awamu, basatu be baalokolebwa, okuwona omuliro. Bwe kiriba!

¹⁸⁴ Kati, omuntu yenna bw'abeera ddala ow'omwoyo, njagala otunuulire omusajja ono atudde wano, anneekaliriza nga bw'asobola. Yayimusizza omukono gwe, ssimumanyi; ssimulabangako, era ssirina kye mmumanyiko. Atudde butuuzi awo antunuulidde. Naye, mulaba, akola enkwasaganya, asaba. Kati, ekyo kituufu. Kati, ssinga Mukama anambuulira... Nga omusajja oyo atudde wala okuva we ndi, era guno gwe mulundi gwaffe ogusoose okusisinkana, wuuyo atudde awo. Mukama ssinga anambikkulira kiki eki—kiki eki... Ssi—ssisobola kumuwonya. Ssisobola, ekyo ssisobola kukikola, kubanga Katonda ekyo yakikola dda. Naye kyandiyimusizza

okukkiriza kwammwe. Buli omu kati alaba, Ali wano kati, Omwoyo y'omu. Era mujjukire nti, Yesu kino yakisuubiza, nga enkomerero tennabaawo. Bulijjo ke kabaddenga akabonero akasembayo.

¹⁸⁵ Luli, Leo nange twali tutudde ku luguudo, nga abamu ku ffe twogera. Nga mpulira waliwo enkyukakyuka ejja, enkyukakyuka ejja. Bwe twakyogerako, tejja kuba nkyukakyuka mu buweereza bwange, kubanga tebusobola kweyongera kukyuka, naye ejja kubeera nkyukakyuka mu nze. Bulijjo mbaddenga munafu nga ndeka abantu ne bankulembera ne bannunnamya, ne bantuma *eno n'eri*. Ssinga nnakola ekintu Mukama kye yanjamba okukola ebbanga ddene emabega, ssandibadde mu mitawaana gye ndimu leero. Nnenda kweyawula wiiki eno mbeere nzekka ne Katonda. Yee, ssebo. Nte—Nteekwa okuwulira okuva mu Ggulu. Ssaagala kubeera munafu, njagala nnywereere ku kulumirizibwa kwange.

¹⁸⁶ Omusajja, kisigala kikomawo ku ye, atudde mabega wali, kubanga omusajja oyo akkiriza, mu butuufu akkiriza. Nneetegereza ekibiina kyonna, naye kisigala kikomawo ku musajja. Alina ekyetaago, azitowererwa, naye azitowererwa ku lwa muntu mulala. Ekyo kituufu. Osabira muntu mulala. Muntu mulala gw'olina ku mutima gwo. Ekyo kituufu, ssi kye kyo? Mukwano gwo. Bwe nnaakubuulira obuzibu bwa mukwano gwo, onanzikiriza okubeera omuweereza wa Katonda? Kutamiira. Kituufu. Bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo.

¹⁸⁷ Mukkiriza? Waliwo omuntu awo awanise omukono, mukazi emabega wali eri, omuntu omu. Yee. Weewaawo. Tommanyi? Tetumanyiganyeko yadde? Ssikumanyi, naye Katonda akumanyi. Okikkiriza ekyo? Katonda ssinga ambikkulira ekiri mu mutima gwo, onanzikiriza okubeera omuweereza We? Nnyabo, ekikutawaanya ye mwana oyo. Kituufu. Era omwana oyo alina ekiyobyoye mu maaso ge. Omusawo talina ky'asobola kukikolera. Oli mugenyi wano, ggwe n'omwagalwa wo atudde awo. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo oba gy'ova? Okikkiriza? Onakkiriza okuwonyezebwa kw'omwana ssinga anaakikola? [Omukazi addamu nti, "Yee."—Omuk.] Kale, osobola okuddayo mu Somerset, Kentucky, gy'ova. Era kkiriza nti ajja kuwona, ekiyobyoye ekyo kijja kuva ku mwana ssinga onaakikkiriza.

¹⁸⁸ Bwe njogedde ekigambo ekyo, waliwo ayimiridde mu kizimbe emabega wali, ava mu Somerset, Kentucky, ali mu kusaba, alina obuzibu bw'omutima. Mukkiriza nga Katonda anaabawonya? Bwe muba mukikkiriza n'omutima gwammwe gwonna, era nga mukkiriza nti Katonda ajja kubawonya era batereere.

¹⁸⁹ Wano, wano waliwo, nzikiriza waliwo omukono oguyimusiddwa wano, wano wennyini, mukazi. Weewaawo,

ndabye omukono gwo. Tetumanyiganye, nnyabo? Ssikumanyi. Tetusisinkanangako. Onzikiriza okubeera omuweereza We? [Omukazi addamu nti, “Yee.”—Omul.] Okkiriza? Olina ekikutowerera ku mutima, oba ekintu bwe kityo. Okkiriza nti ssinga Katonda akimbikkulira, okkiriza nti Ye Mwoyo y’omu eyali mu Kristo? Omwami wo atudde awo, akkiriza ekintu kye kimu, naye? Nawe onaakikkiriza? Kikwata ku muwala wo akuliraanye awo. Kituufu, alina kookolo. Naye okkiriza nga Katonda anaamuwonya? Bw’oba okkiriza, yimusa omukono gwo. Kale, teeka emikono gyo ku mwana.

¹⁹⁰ Mukama Yesu, mu Kubeerawo kw’Omwoyo Wo, nnenya ssitaani ali mu kutta omwana. Nteeka, olw’okukkiriza, Omusaayi gwa Yesu Kristo wakati w’omutemu oyo n’omwana. Leka abeere mulamu. Amiina.

¹⁹¹ Beera n’okukkiriza mu Katonda. Tobuusabuusa. “Bw’oba nga okkiriza, byonna biyinzika.” Ssinga osobola okukkiriza, byonna biyinzika. Mu butuufu.

¹⁹² Omuntu omulala emabega eri ayimusizza omukono, alina waali, ggwe, nnyabo ali eri awasemba. Onzikiriza okubeera omuweereza wa Katonda? Ssikumanyi, naawe tomanyi. Okkiriza nga Katonda asobola okumbikkulira ekikutawaanya? Onakkiriza Yesu okubeera Omuwonya wo oba Omugabirizi, kyonna kye kiri—kyonna kye kiri...? Okikkiriza kati? Kale, kati okweraliikirira okwo kw’obadde nakwo, ekyo kye kikutawaanya. Bwe kiba nga kituufu, yimirira, bwe kiba nga kituufu, abantu basobole okulaba nti mazima. Kale, kigenda kukuvaako kati. Ddayo eka obeere mirembe. Katonda akuwe omukisa.

Ova mu Kentucky, naawe. Uh-huh, kituufu.

¹⁹³ Omukazi akuliraanye ava Kentucky, naye. Gy’ava, naye. Ssikumanyi, nkumanyi? Naye nsobola okukugamba nti olina ekikutawaanya. Ssinga nkubuulira ekikutawaanya, onakkiriza Kristo okubeera Omuwonya wo? Kiri mu bbunwe wo. Bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo, waggulu ddala abantu bagulabe. Kale, ddayo eka kati, kijja kukuvaako. Okukkiriza kwo kukuwonya.

Mbasoomooza okukkiriza. Nsoomooza okukkiriza kwammwe mukkirize.

¹⁹⁴ Wano watuddewo omukyala wano, ali mu kusaba, akwatidde akatambaala ke mu maaso ge. Ssikumanyi. Katonda akumanyi. Ova mu Joliet, Illinois, era olina ekizimba. Ekyo kituufu ddala. Oyinza okwewuunya... (Weewaawo, oyo ye—oyo ye mukazi Rosella gwe yaleese. Kituufu. Lindako, yakiŋŋambyeko, naye teyategedde nti omukazi ssaamutegedde. Kituufu. Naye lwa kuba okukkiriza kw’omukazi kubadde kunene.) Ka nkubuulireyo ekintu kimu o—otegeere nti ssimanyi. Osabira

mwana ono atudde wano entebe w'ekoma, mulwadde. Mwana wo. Kituufu. Amiina. Okimanyi nti ekyo mbadde ssikimanyi.

¹⁹⁵ Kiikyo, Mwoyo Mutukuvu! Mukikkiriza? Mukikkiriza? Kati bwe kiba nga ekyo kituufu, kye nnayogedde ku “mulyango mufunda, n'ekubola lya kanyigo” kituufu. Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, ali wano kati. Omwoyo wa Katonda omulamu ali wano kati. Mukikkiriza? Kati, okubalaga nti ssisobola kuwonya, ssiri muwonya, naye Omwoyo wa Katonda yannonda asobole okweyoleka Mwene. Ssirina buyigirize bwonna. Ssirina kye mmani. Naye Mwoyo We y'akikola, mukiraba, era ayagala mugeere nti mbagambye Mazima.

¹⁹⁶ Gano ge Mazima, nti Yesu Kristo abawonya mwenna kati bwe munakikkiriza. Kati nga... Bwe kiba nga kyakola mu Kingston, nga abaminsani, oba kyonna kye baali eyo, baakiraba nga kikola mu Kingston, enkumi n'enkumi we zaawonyezebwa, lwaki tekiikole wano mu Amerika eno we tulina engeri gye kirimu kati? Lwaki tetukkiriza? Kubanga tetusobola kusomoka kagga kali eri. Mukikkiriza? Muyimuse emikono gyammwe.

¹⁹⁷ Emikono egyo gye gimu, mugiteeke ku muntu akuliraanye, leka mmusabire okuva wano wennyini, era temuba na kubuusabuusa kwonna nate mu mitima gyammwe, kino kigenda kukikomya.

¹⁹⁸ O, abaffe, Ow'oluganda Neville! Nga njagadde, nga nsabye, nga... Muyinza okulwooza nti nvudde mu ndwooza yange; ssi bwe kiri. Mmani bulungi wendi. Ssinga nsobola okubalaga ekintu kino ekitono! Mukitegeera nti Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, waali wano mu makkati g'abantu enkya ya leero, kati kati, waali kati, nga yeeyoleka?

Kale, mugamba nti, “Ow'oluganda Branham, *ggwe* okyogedde.”

¹⁹⁹ Nkyogedde ntya? Ssikumanyi. Waliwo omukazi omulala alina Akafuba. Owonyezeddwa, mwannyinaze. Akuwe omukisa. Nsonyiwaamu, obadde osabira omukazi alina Akafuba, kubanga mukazi wa nvi. Weewaawo. Kale, kikkirize. Kale. Ali wano. Kubeerawo Kwe.

²⁰⁰ Kati, kiikino kye yayogera nti, “Obubonero buno bunaagoberanga abo abakkiriza. Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga.” Ayinza atya okulimba? Okiraba, tekiri eri Ye, tekiri eri nze, kati kiri eri ggwe. Kati ggwe kkiriza.

²⁰¹ Ntunuulidde omukyala omutonotono atudde emabega eri mu kaseera kano, alina okukkiriza kungi ddala. Ye ne bba baakajja eri Mukama. Yatuula wano mu nkuŋŋaana zino, yalina aniya omusawo gwe yali agenda okumulongoosa nga tannajja, n'omwana we yali anaatera okuzaalibwa. Era omusawo yali wa kumulongoosa oluvannyuma, naye omwana yazaalibwa ate tebaasobola kulaba ku aniya yadde. Takyaliwo. Mukiraba? Lwaki? Yatuula butuuzi bw'ati... Teyalinnyako yadde ku

kituuti bw'ati. Yatuula butuuzi emabega wali n'akikkiriza. Kituufu ekyo, Muky. Green, nzikiriza kituufu, emabega wali? Ekyo kituufu. Mulaba omukono gwe? Omusawo tasobola kulaba ku aniya yadde, taliwo. Lwaki? Yakikkiriza, yasituka busitusi n'agamba nti, "Kituufu!"

²⁰² Kati naawe kola ekintu kye kimu, na buli kunyigirizibwa kwonna kw'olina kujja kugenda. Katonda, Oyo asobola—Oyo asobola okusindika Ekintu mu mubiri gw'omuntu, eri omwoyo gw'okuluma kw'omusota okwo okwali mu kigere ky'omusajja oli, n'obusagwa, okumutta, n'agukomya n'aguttira awo wennyini, tasingawo nnyo okutta endwadde eri mu mubiri gwo. Kubanga, omusajja oyo yali mu buzibu era yalina okufuna obuyambi. Oteekwa, naawe. Bw'otabufuna, ofa.

²⁰³ Kati mukuumire emikono gyammwe ku bannammwe. Teweasabira wekka, sabira oyo akuliraanye. Ekyo kya Kikristayo.

²⁰⁴ Kino mukiyige, kino mukiyige, nti, by'okolera abalala, obikolera Kristo. Bw'oyisa omulala obulungi, Kristo gw'obeera oyisizza obulungi. Bw'okosa omulala, obeera okosa Kristo. O, abaffe!

²⁰⁵ O, ssinga nsobola okukibalaga kino, ssinga nsobola okuletera abantu okukiraba, kye ntunuulidde ne kye mpulira, ne kye mmanyi ekigenda mu maaso, mukiraba. Engeru Kristo gy'alondoola Obubaka enkya ya leero, bunnyikire buziba munda mu mitima gy'abantu era bubeeko ne kye butondawo; ssi kuyamuukirira, ssi nneewulira (bijirako), naye okutondawo okukkiriza okutafa awo okutaagambe nti, ka nnekkiriranye n'omulabe.

²⁰⁶ Kati, ajja kuwulira okusaba kwange, ajja kuwulira okukwo. Musabiragane kati, nga bwe mbasabira mwenna.

²⁰⁷ Ai Mukama, ekiseera kino ekirungi ekikulu, tukitegeera nti kino kigenda kutegeeza enjawulo wakati w'okufa n'obulamu, eri bangi. Era nkankana mu Kubeerawo Kwo, kubanga mmanyi, Mukama Katonda, nti nsaanidde okusaba n'omutima gwange gwonna. Nkitegeera nti newankubadde kiri bwe kityo wayinza obutabaawo mulwadde mu makkati gaffe mu ddakiika ettaano eziddako, nga buli muntu ali wano akitegedde nti Oli wano. Baabano bayimiridde enkya ya leero, Mukama. Leka abantu abo bayimuse emikono gyabwe abakimanyi nti ssibamanyi, era ssirina kye mbamanyiiko. Naye Omwoyo Wo abamanyi. Omanyi ebyama by'emitima gyabwe, tosingawo nnyo okumanya okunyigirizibwa kwabwe n'okubonaabona kwabwe! Kaakano, Mukama, leka lubeere lwa leero, leka kibeere na ssaawa eno Omwoyo Wo akome ku mibiri gyabwe emirwadde. Kikole, Mukama. Basabiragana.

²⁰⁸ Era nsaba, Katonda Omwagalwa, nti Omwoyo Omutukuvu akifuule kya nnamaddala nnyo gye bali, okutuusa nti

tebalikibusabuusa nate. Era waliwo endwadde endala, Mukama, nga ya maanyi nnyo n'okusinga obulwadde obw'omubiri, ye ndwadde ey'omwoyo. Leka buli mutima guggulwe.

²⁰⁹ Mukama, kisoboka kitya okuba nti wayimirira awo ku ludda lwa Ibulayimu, n'okola ekintu kye kimu, n'ogamba Saala eyali "emabega" Wo, Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "mu weema yaseka," era n'omugamba. Era Ibulayimu n'akitegeera nti oyo yali Elohim, Katonda ow'Amaanyi. Mu ddakiika ntono nnyo yali takyakulabako.

²¹⁰ Era, Mukama, Yesu bwe yayimirira n'akola ekintu kye kimu, n'agamba nti, "Ibulayimu mumuyita 'kitammwe,' era mugamba mumanyi Ebyawandiikibwa." N'agamba nti, "Muwaba, olw'obutamanya Byawandiikibwa newankubadde Amaanyi ga Katonda." Ne bamuyita "Beeruzebuli."

²¹¹ Naye wasuubiza nti mu nnaku ez'oluvannyuma nti olifuka Omwoyo Wo nate. Nnabbi yagamba nti, "Mu kiseera eky'akawungeezi walibaawo Ekitangaala." Era tuutuno wano.

²¹² Nga ensi eno enneeboolereze ebbira mu kibi, nga omutamiiwu bw'atagala ng'adda eka ekiri, mangu ddala ejja kwabizibwamu wakati, tewalisigala yadde evvu, eririsigalawo, ku yo. Era tulaba obudde nga buggwayo.

²¹³ Ai Katonda, tugeemu buli kubuusuabuusa kwonna. Tutwale mu mutendera ogwo kati. Jangu, Mwoyo Mutukuvu. Yanjuluza ebiwaawaatiro Byo ebinene, omaamire ku kibiina ky'abantu kino ekitono mu kaseera kano kennyini, obune mu mitima gyabwe, obaleetere okutegeera nti Oli mu Kubeerawo Okutukuvu, nti ye Ggwe, "Nze Mukama awonya endwadde zammwe zonna." Era leka Okubeerawo Kwo kubeeke ne kye kukola eri emitima gyabwe ekinaabaleetera okuva wano, enkya ya leero, nga bakkiriza na buli kyonna ekiri mu bo. Era leka buli muntu omulwadde n'anyigirizibwa awonyezebwe.

²¹⁴ Kubanga, nga omuweereza Wo, nnyimirira era nnenya buli muzimu, nnenya endwadde, nnenna Ssitaani.

²¹⁵ Owanguddwa, era tolina ky'oli wabula kiguumaaza. Era tukusoomooza enkya ya leero, mu Linnya lya Yesu Kristo. Era nga omuweereza We, nga mbuulira Ekigambo Kye era nga njamba abantu Amazima, okwenenya n'okutereera n'Ekigambo kya Katonda, nkunnya, Ssitaani, mu Linnya ya Yesu Kristo. Va ku buli omu ku bantu bano abavudde ewala n'okumpi, okujja okuwonyezebwa. Va mu kibiina kino ne mu bantu bano. Nkulagira ku bwa Katonda omulamu. Era Bayibuli egamba nti, "Okusaba okw'obunyiikivu, okw'omuntu omutuukirivu kunaayinza nnyo mu kukola kwakwo." Era abantu abatuukirivu bangi batadde emikono gyabwe ku balwadde, enkya ya leero. Ha, ssitaani, wandiyagadde okubalwoozesa nti nze nkikola, awo wetwalire ekitiibwa okuva gye bali. Naye kukkiriza


kwabwe mu Katonda, nabo, bakkiriza Katonda! Era olina okugenda, olw'okukkiriza kwabwe. N'olwekyo va wano, ogende mu kizikiza eky'ebweru gy'ogwanidde okubeera. Nkunenya, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'obuyinza obwa Bayibuli ya Katonda, n'okutumibwa kwange okwampeebwa Malayika. Kati genda, mu Linnya lya Yesu Kristo, baveeko babeere ba ddembe. Amiina.

²¹⁶ Mukkiriza, n'emitima gyammwe gyonna, nti muwonyezeddwa? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Kaakano nzikiriza Yesu Kristo nga Omuwonya wange. Ebisiikirize byonna binvuddeko. Kaakano mmukkiriza mu bujjuvu bw'amaanyi Ge, mu kitiibwa eky'Okubeerawo Kwe. Mmukkiriza."

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'Endiga ow'e Gologoosa,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Jjawo ebibi byange byonna,
Era tonjanyanga okuwaba
Okukuvaako.

Kati leka tuyimuse emikono gyaffe mu kwagala gy'Ali kati.

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetoolodde wonna,
Beera omulunjanyama wange (Ai Katonda!);
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo ennaku, n'okutya,
Era tonjanyanga okuwaba
Okukuvaako.

. . . ekisa ekingi! 

59-0301M Omulyango Mufunda
mu Kkuṅṅaaniro Iya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org